

# Ekitabo kya Yokaana Omutukuvu Omutume Ekiyitibwa Okubikkulirwa

## *Ennyanjula*

<sup>1</sup> Okubikkulirwa kwa Yesu Kristo, Katonda kwe yamuwa okulaga abaddu be ebyo ebiteekwa okubaawo amangu. Kristo yakimanyisa ng'atuma malayika we eri omuweereza we Yokaana <sup>2</sup> eyategeeza ekigambo kya Katonda n'obujulirwa bwa Yesu Kristo ku byonna bye yalaba. <sup>3</sup> Alina omukisa oyo asoma n'abo abawulira ebigambo by'obunnabbi buno, ne beekuma ebiwandiikiddwa, kubanga ekiseera kiri kiweddeyo.

## *Okulamusa n'Okutendereza Mukama*

<sup>4</sup> Nze Yokaana mpandiikira Ekkanisa omusantu eziri mu Asiya.

Mbagaliza ekisa n'emirembe ebiva eri Katonda oyo aliwo, era eyaliwo era alibaawo; n'ebiva eri emyoyo omusantu egiri mu maaso g'entebe ye ey'obwakabaka,\* <sup>5</sup> era n'okuva eri Yesu Kristo omujulirwa omwesigwa. Oyo ye

---

\* **1:4** Amakanisa omusantu gaali geeyawudde kilomita amakumi ataano nga gali mu ngeri ya nnekulungo, okuva ku Efeso okutuuka ku Lawodikiya, ekiri mu buvanjuba bwa Efeso. Ekitabo kyonna ekya kubikkulirwa kyaweerezebwa mu buli kkanisa

yasooka okuzuukira mu bafu, era y'afuga bakabaka ab'omu nsi; oyo yatwagala, era ye yatuggya mu bibi byaffe n'omusaayi gwe,<sup>6</sup> n'atufuula obwakabaka bw'obwakabona bwa Katonda, Kitaaawe. Ekitiibwa n'obuyinza bibeerenga eri oyo emirembe n'emirembe. Amiina.

<sup>7</sup> "Laba, ajja n'ebire,  
na buli liiso lirimulaba,  
n'abaamufumita balimulaba,  
era n'amawanga gonna ku nsi galimukungubagira."

Weewaawo. Amiina!

<sup>8</sup> "Nze Alufa ne Omega,"<sup>†</sup> bw'ayogera Mukama Katonda, "oyo aliwo, eyabaawo era alikomawo, Ayinzabyonna."

### *Oyo eyali ng'Omwana w'Omuntu*

<sup>9</sup> Nze muganda wammwe Yokaana, abonaabonera awamu nammwe mu bwakabaka ne mu kugumiikiriza ebiri mu Yesu, nnali ku kizinga ekiyitibwa Patumo, olw'ekigambo kya Katonda era n'okujulira ebya Yesu. <sup>10</sup> Nnali mu mwoyo ku lunaku lwa Mukama waffe,<sup>‡</sup> ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka emabega wange, eryavuga ng'ery'akagombe, <sup>11</sup> nga ligamba nti, "By'olaba, biwandiike mu kitabo, okiweereze eri Ekkanisa omusanvu: Ekkanisa ey'omu Efeso, n'ey'omu Sumuna, n'ey'omu

---

<sup>†</sup> **1:8** Alufa ne Omega ze mnukuta ez'Oluyonaani. Alufa y'esooka, Omega n'esembayo. Katonda ye ntandikwa era ye nkomerero    <sup>‡</sup> **1:10** Olunaku lwa Mukama waffe: kye kikoze-sebwa okutegeeza olunaku olusooka olwa wiiki, era lujjukirwa nga lwe lunaku Yesu lwe yazuukirirako mu bafu. Lwe lunaku Abakristaayo kwe baakunjaaniranga ne basolooza ebirabo

**Perugamo, n'ey'omu Suwatira, n'ey'omu Saadi,  
n'ey'omu Firaderufiya n'ey'omu Lawodikiya."**

<sup>12</sup> Ne nkyuka okulaba eyali ayogera nange, ne ndaba ebikondo by'ettaala ebya zaabu musanvu. <sup>13</sup> Era wakati mu byo ne ndabamu omuntu "eyali ng'Omwana w'Omuntu" eyali ayambadde ekyambalo ekiwanvu ekikoma ku bigere, nga yeesibye mu kifuba olukoba olwa zaabu. <sup>14</sup> Omutwe gwe n'enviiri ze byali byeru ng'ebiyoya by'endiga ebyeru, era nga bifaanana ng'omuzira, n'amaaso ge nga gali ng'ennimi z'omuliro. <sup>15</sup> Ebigere bye byali ng'ekikomo ekizigule ekyakaayakana mu muliro n'eddoboozi lye nga liyira ng'amazzi amangi. <sup>16</sup> Yali akutte emmunyeenye musanvu mu mukono gwe ogwa ddyo era ng'alina ekitala ekyogi eky'obwogi obubiri§ mu kamwa ke; n'ekyenyi kye nga kiri ng'enjuba eyakaayakana mu maanyi gaayo.

<sup>17</sup> Bwe namulaba, ne ngwa wansi ku bigere bye ne mba ng'afudde, kyokka ye n'anteekako omukono gwe ogwa ddyo n'aŋŋamba nti, "**Totya**. Nze Owoolubereberye era Owenkomerero, <sup>18</sup> era omulamu. Nnali nfudde naye kaakano ndi mulamu emirembe gyonna, era nnina ebisumuluzo eby'okufa n'amagombe.

<sup>19</sup> "Kale wandiika ebyo by'olabye ebiriwo n'ebyo ebinaatera okubaawo oluvannyuma lw'ebyo ebiriwo. <sup>20</sup> Ka nkubuulire amakulu g'emmunyeenye omusantu z'olabye mu mukono gwange ogwa ddyo, era

§ **1:16** Ekitala ekyogi eky'obwogi obubiri ekyogerwako wano, kyali kiwanvu nga kifaanana ekitala kya Sirasiya

n'ebikondo eby'ettaala ebya zaabu omusanvu. Emmunyeenye omusanvu be bamalayika b'Ekkanisa omusanvu, ate ebikondo by'ettaala eza zaabu omusanvu ze Kkanisa omusanvu."

## 2

### *Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Efeso*

<sup>1</sup> "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Efeso wandiika nti:

Bw'ati bw'ayogera oyo akwata emmunyeenye omusanvu mu ngalo ze mu mukono gwe ogwa ddyo, oyo atambulira wakati w'ebikondo by'ettaala omusanvu ebya zaabu.

<sup>2</sup> Nti mmayi ebikolwa byo n'okugumiikiriza kwo, era nga tosobola kugumiikiriza bakozi ba bibi era ng'ogezesezza aboabeeeyita abatume n'obavumbula nga balimba. <sup>3</sup> Era ogumiikirizza okubonaabona n'oguma olw'erinnya lyange, n'otokoowa.

<sup>4</sup> Naye nnina ensonga gye nkuvunaana: tokyanjagala nga bwe wanjalanga edda.

<sup>5</sup> Noolwekyo jjukira we waseeseetuka. Weenenyenye, onjagale nga bwe wanjalanga edda. Naye bw'otookole bw'otyo ndijja gy'oli ne nzigyawo ekikondo ky'ettaala yo mu kifo kyakyo, okuggyako nga weenenyenya. <sup>6</sup> Wabula

ekirungi ekikuliko kye kino: okyawa ebikolwa by'Abanikolayiti\*nga nange bwe mbikyawa.

<sup>7</sup> Alina amatu, awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo. Oyo awangula ndimuwa okulya ku muti ogw'obulamu oguli mu nnimiro ya Katonda.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Sumuna*

<sup>8</sup> "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Sumuna wandiika nti:

Bw'ati bw'ayogera Owoolubereberye era Owenkomerero eyali afudde oluvannyuma n'azuukira n'aba mulamu, <sup>9</sup> nti mmanyi okubonaabona kwo n'obwavu bwo, naye ng'oli mugagga, era n'okulimirira kw'aboabeeeyita Abayudaaya songa ssi Bayudaaya, wabula kuŋŋaaniro lya Setaani. <sup>10</sup> Temutya n'akatono ebyo bye mugenda okubonaabona. Laba Setaani anaatera okusiba abamu ku mmwe mu makomera okubagezesza. Muliyg-ganyizibwa okumala ennaku kumi ddamba. Mubeere beesigwa okutuusa okufa, nange ndibawa engule ey'obulamu.

<sup>11</sup> Alina amatu, awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo. Oyo awangula talifa mulundi gwakubiri.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Perugamo*

---

\* <sup>2:6</sup> Abanikolayiti kyali kibinja ky'abantu mu kkanisa ekyali kisizza ekimu n'abakaafiri abaasinzanga ebifaananyi. Baayigirizanga nti Omwoyo yabakkiriza okusinza ebifaananyi n'okukola ebikolwa eby'obugwagwa

**12** “Eri malayika ow’Ekkanisa ey’e Perugamo wandiika nti:

Bw’ati bw’ayogera oyo alina ekitala ekyogi eky’obwogi obubiri <sup>13</sup> nti, Mmanyi gy’obeera awo awali entebe y’obwakabaka bwa Setaani, kyokka ng’onywezezza erinnya lyange era wasigala n’okukkiriza kwo, ne mu biseera Antipa omujulirwa wange omwesigwa mwe yattirwa wakati mu mmwe, eyo Setaani gy’abeera.

**14** Naye nkulinako ensonga ntono: eyo olinayo ab’enjigiriza eya Balamu eyayigiriza Balaki okutega abaana ba Isirayiri omutego n’abaliisa ennyama ey’omuzizo eyassaddaakirwa eri bakatonda abalala, era n’okwenda. **15** Ate era olinayo n’abakkiririza mu njigiriza y’Abanikolayiti. **16** Noolwekyo weenenye, bw’otookikole ndijja mangu ne nnwanyisaabantu abo n’ekitala eky’omu kamwa kange.

**17** Alina amatu, awulire Omwoyo ky’agamba Ekkanisa ezo. Oyo awangula ndimuwa ku maanu eyakwekebwa. Era ndimuwa ejinja eryeru eriwandiikiddwako erinnya eriggya eritamanyiddwa muntu mulala yenna wabula oyo aliweereddwa.”

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab’omu Kkanisa ya Suwatira*

**18** “Eri malayika ow’Ekkanisa ey’omu Suwatira wandiika nti:

Bw’ati bw’ayogera Omwana wa Katonda, oyo alina amaaso agali ng’ennimi ez’omuliro, n’ebigere ebimasamasa ng’ekikomo ekizigule

<sup>19</sup> nti, Mmanyi ebikolwa byo, n'okwagala kwo, n'okukkiriza kwo, n'obutuukirivu bwo, n'okugumiikiriza kwo, era n'ebikolwa byo eby'oluvannyuma bisinga ebyasooka.

<sup>20</sup> Kyokka nkulinako ensonga eno. Ogumiikiriza omukazi Yezzeberi eyeeyita nnabbi omukazi akyamya abawereza bange ng'abayigiriza obwenzi n'okulya emmere eweereddwayo eri bakatonda abalala.

<sup>21</sup> Namuwa ekiseera yeenenye, kyokka tayagala kwenenya bwenzi bwe. <sup>22</sup> Laba, ndimulwaza obulwadde obulimusuula ku ndiri, era n'abo baayenda nabo mbatuuse ku bulumi obw'amaanyi, okuggyako nga beenenyezza ebikolwa byabwe. <sup>23</sup> Era nditta abaana be. Olwo Ekkanisa zonna ziryoke zitegeere nti nkebera emitima n'ebirowoozo era ndibasasula ng'ebikolwa byabwe bwe biri.

<sup>24</sup> Kale mmwe abalala abali mu Suwatira abatagoberera kuyigiriza kuno abatamanyi bintu bya Setaani eby'obuziba ng'enjogera bw'egamba, sigenda kubassaako mugugu mulala. <sup>25</sup> Wabula munyweze nnyo kye mulina okutuusa lwe ndijja.

<sup>26</sup> Oyo aliwangula era n'oyo alisigala ng'akola emirimu gyange okutuusa ku nkomerero, ndimuwa obuyinza okufuga amawanga. <sup>27</sup> 'Alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma, n'abayasaayasa ng'ayasaayasa ebibya eby'ebbumba.' <sup>28</sup> Era ndimuwa emmunyeenye ey'enkya nga nange bwe nagiweebwa Kitange. <sup>29</sup> Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

**3***Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Saadi*

<sup>1</sup> "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Saadi wandiika nti:

Bw'ati bw'ayogera oyo alina emyoyo omusantu egya Katonda n'emmunyeenye omusantu nti, Mmanyi ebikolwa byo, ng'olina erinnya eriraga nti oli mulamu so nga oli mufu. <sup>2</sup> Kale weegendereze onyweze ebikyasi-gaddewo ebitannafa. Kubanga mu by'okola sinnalabamu by'otuukiriza mu maaso ga Katonda wange. <sup>3</sup> Kale jjukira bye wayigirizibwa ne bye wawulira obikwate era weenenye. Bw'otegendereze ndijja mangu ng'omubbi, so tolimanya ssaawa gye ndijjiramu gy'oli.

<sup>4</sup> Naye waliwo abamu mu Saadi abatonotonu abatayonoonanga byambalo byabwe, balitambula nange nga bambadde engoye enjeru, kubanga basaanidde. <sup>5</sup> Na buli awangula alyambazibwa engoye enjeru nga bali, era sirisangula linnya lye mu kitabo ky'obulamu, naye ndyatula erinnya lye mu maaso ga Kitange ne bamalayika be nti oyo muntu wange. <sup>6</sup> Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

*Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Firaderufiya*

<sup>7</sup> "Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu Firaderufiya wandiika nti:

Bw'ati bw'ayogera oyo Omutukuvu era ow'amazima era alina ekisumuluzo kya

Dawudi aggulawo ne wataba aggalawo,  
n'okuggalawo ne wataba aggulawo.

<sup>8</sup> Mmanyi ebikolwa byo. Laba nkuggulid-dewo oluggi, omuntu yenna lw'atayinza kug-gala; kubanga olina amaanyi matono, oku-umye ekigambo kyange n'oteegaana linnya lyange, <sup>9</sup> laba nnyinza okuwaayo abamu ku abo ab'omu kunjaaniro lya Setaani abeeyita Abayudaaya; laba ndibaleeta okuvuunama ku bigere byammwe bategeere nti mbaa-gala. <sup>10</sup> Olwokubanga wakwata ekigambo kyange eky'okugumiikiriza, nange ndiku-wonya ekiseera eky'okugezesebwa ekinaatera okujja.

<sup>11</sup> Nzija mangu! Nnyweza ky'olina waleme kubaawo akutwalako ngule yo. <sup>12</sup> Awangula ndimufula empagi mu Yeekaalu ya Katonda wange, mw'ataliva emirembe gyonna, era ndimuandiikako erinnya lya Katonda wange, n'erinnya ly'ekibuga kya Katonda wange, Yerusaalemi ekiggya nga kikka okuva mu ggulu eri Katonda wange n'erinnya lyange eriggya. <sup>13</sup> Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo.

### *Ebbaluwa Eyawandiikirwa ab'omu Kkanisa ya Lawodikiya*

<sup>14</sup> “Eri malayika ow'Ekkanisa ey'omu La-wodikiya wandiika nti:

Bw'ati bw'ayogera oyo Amiina, omujulirwa, omwesigwa, ow'amazima, omukulu

w'abaliwo, n'abalibaawo emirembe gyonna,  
era ensibuko y'ebitonde bya Katonda.

<sup>15</sup> Mmanyi ebikolwa byo: toyokya so tonnyogoga, nandiyagadde obe ng'oyokya oba ng'onnyogoga. <sup>16</sup> Naye olwokubanga oli wa kibuguumirize toyokya so tonnyogoga, kinnaandetera okukuwandula okuva mu kamwa kange. <sup>17</sup> Olwokubanga ogamba nti, 'Ndi mugagga era nnina ebintu bingi, sso siriiko kye neetaaga. Sirina kimbulako!' Sso n'otomanya ng'oli munaku asaasirwa, omwavu, omuzibe w'amaaso era ali obwerefere. <sup>18</sup> Nkuwa amagezi onguleko ebya zaabu, eyalongoosebwa mu muliro, olyoke ogaggawale. Era onguleko ebyambalo ebyeru, obyambale, owone ensonyi ez'okuyita obwerefere; onguleko n'omuzigo osiige ku maaso go, osobole okulaba.

<sup>19</sup> Buli gwe njagala mmunenya era mmukangavvula; kale nyikira okwenenya. <sup>20</sup> Laba nnyimiridde ku luggi era nkonkona. Buli awulira eddoboozi lyange n'aggulawo, nnaayingira omumwe ne tuliira wamu ffembi.

<sup>21</sup> Buli awangula ndimukkiriza okutuula ng'anninaanye, ku ntebe yange ey'obwakabaka, nga nange bwe nawangula ne ntuula ne Kitange ku ntebe ye. <sup>22</sup> Alina amatu awulire Omwoyo ky'agamba Ekkanisa ezo."

## 4

*Entebe ey'Obwakabaka mu Ggulu*

<sup>1</sup> Laba, oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba oluggi oluggule mu ggulu, era ne mpulira n'eddoboozi lye limu lye nawulira olubereberye eryali livuga ng'eryekkondere nga linjambala nti, “**Yambuka wano nkulage ebyo ebiteekwa okubaawo oluvannyuma lwa biri.**” <sup>2</sup> Amangwago, nga ndi mu mwoyo, laba, ne ndaba entebe ey'obwakabaka ng'etegekeddwa mu ggulu, ne ku ntebe eyo nga kuliko atuddeko. <sup>3</sup> Eyali agituddeko yali ayakaayakana ng'amayinja ag'omuwendo omungi aga yasepi ne sadio; era ng'entebe eyo yeetooloddwa musoke ng'ayakaayakana nga zumaliidi. <sup>4</sup> Entebe ey'obwakabaka yali yeetooloddwa entebe endala amakumi abiri mu nnya nga zituuliddwako abakadde amakumi abiri mu bana, bona nga bambadde engoye enjeru nga balina engule eza zaabu ku mitwe gyabwe. <sup>5</sup> Mu ntebe eyo ey'obwakabaka ne muvaamu okumyansa n'amaloboozi n'okubwatuka. Mu maaso g'entebe eyo waaliwo ettabaaza ezaaka musanvu, nga gy'emyoyo omusanvu egya Katonda. <sup>6</sup> Ne mu maaso g'entebe eyo waaliwo ekiri ng'enyanja ey'endabirwamu, ekifaanana nga kulusitalo. Waaliwo ebiramu bina ebijjudde amaaso mu bwenyi n'emabega waabyo nga biri wakati w'entebe ey'obwakabaka n'okugyetooloola.

<sup>7</sup> Ekisooka ku biramu bino kyali ng'empologoma, ekyokubiri nga kifaanana ng'enyanja, n'ekyokusatu kyalina amaaso ng'ag'omuntu, n'ekyokuna kyali ng'empungu, ebuuka. <sup>8</sup> Buli kimu ku biramu bino ebina

kyalina ebiwaawaatiro mukaaga nga bijjudde amaaso enjuuyi zonna ne wansi. Era buli lunaku emisana n'ekiro, awatali kuwummula, nga bigamba nti,

“Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu,  
Mukama Katonda Ayinzabyonna,

Oyo eyaliwo, aliwo, era ajja okubaawo.”

<sup>9</sup> Era ebiramu ebyo ebina, buli lwe byawanga ekitiibwa n'ettendo n'okwebaza, Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, abeera omulamu emirembe gyonna, <sup>10</sup> abakadde amakumi abiri mu abana ne bavuunama mu maaso g'Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, omulamu emirembe n'emirembe, ne bamusinza. Ne batteeka engule zaabwe mu maaso g'entebe eyo, nga bwe bagamba nti,

<sup>11</sup> “Mukama waffe era Katonda waffe,  
osaanidde okuweebwanga ekitiibwa  
n'ettendo n'obuyinza,  
kubanga gwe watonda ebintu byonna  
era byonna byatondebwa ku lulwo  
era gwe wasiima okubiteekawo.”

## 5

### *Omuzingo gw'Ekitabo n'Omwana gw'Endiga*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba omuzingo gw'ekitabo mu mukono ogwa ddyo ogw'Oyo eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka, nga guwandiikiddwamu munda ne kungulu era nga guteekeddwako obubonero bw'envumbo musanyu. <sup>2</sup> Ne ndaba malayika ow'amaanyi ng'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'abuuza nti, “Ani asaanidde okubembulula obubonero

obusibiddwa ku muzingo gw'ekitabo guno alyoke aguzingulule?" <sup>3</sup> Ne wataba n'omu mu ggulu newaakubadde ku nsi, wadde wansi w'ensi, eyayinza okugwanjuluza wadde okugutunulamu. <sup>4</sup> Awo ne nkaaba amaziga mangi, kubanga tewaalabikawo n'omu eyasaanira okwanjuluza omuzingo newaakubadde okugutunulamu. <sup>5</sup> Awo omu ku bakadde abiri mu abana n'anjambanta, "Lekeraawo okukaaba, kubanga, laba, empologoma ey'omu kika kya Yuda, ow'omu lulyo lwa Dawudi, yawangula, era y'ayinza okukutula obubonero omusanvu obw'envumbo n'okuzingulula omuzingo gw'ekitabo."

<sup>6</sup> Ne ndaba nga ali ng'Omwanwa gw'Endiga ng'attiddwa ng'ayimiridde wakati w'entebe ey'obwakabaka n'ebiramu ebina, ne wakati w'abakadde, ng'alina amayembe musanvu n'amaaso musanvu, gy'emyoyo omusanvu egypt Katonda, egitumibwa mu buli kitundu eky'ensi.

<sup>7</sup> N'asembera n'aggya omuzingo gw'ekitabo mu mukono ogwa ddyo ogw'Oyo eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka. <sup>8</sup> Bwe yagukwata, ebiramu ebina n'abakadde amakumi abiri mu abana, ne bagwa mu maaso g'Omwanwa gw'Endiga ne bavuunama, buli omu ng'alina ennanga era ng'akutte ekibya ekya zaabu, ekyali kijjudde obubaane obwakaloosa nga butegeeza okusaba kw'abantu abatukuvu.

<sup>9</sup> Baali bamuyimbira oluyimba oluggya nti,  
"Ggw'osaanidde okutoola omuzingo gw'ekitabo,  
n'okusumulula ebigosibye  
n'okuguzingulula,

kubanga wattibwa,  
 omusaayi gwo ne gununula abantu ba Ka-  
 tonda okubaggya mu buli kika,  
 na buli lulimi, na buli ggwanga, na buli nsi.  
<sup>10</sup> N'obafuula obwakabaka ne bakabona ba Ka-  
 tonda okumuweerezanga,  
 era be balifuga ensi.”

<sup>11</sup> Awo ne ndaba era ne mpulira eddobaozi  
 ly a bamalayika enkumi n'enkumi, n'enkuyanja  
 nga beetoolodde entebe ey'obwakabaka awamu  
 n'ebiramu biri n'abakadde bali. <sup>12</sup> Ne boogera  
 mu ddobaozi ery'omwanguka nti,  
 “Omwana gw'Endiga eyattibwa,  
 asaanidde okuweebwa obuyinza,  
 n'obugagga, n'amagezi n'amaanyi,  
 n'ekitiibwa, n'ettendo n'okwebazibwa!”

<sup>13</sup> Ne ndyoka mpulira buli kitonde kyonna mu  
 ggulu ne ku nsi ne wansi w'ensi ne mu nnyanja  
 ne byonna ebigirimu nga bitendereza nti,  
 “Okutenderezebw a, n'ettendo, n'ekitiibwa,  
 n'amaanyi by'Oyo atudde ku ntebe  
 y'obwakabaka awamu n'Omwana  
 gw'Endiga,  
 Emirembe n'emirembe.”

<sup>14</sup> Ebiramu ebina ne biddamu nti, “Amiina.”  
 N'abakadde ne bavuunama ne bamusinza.

## 6

### *Obubonero bw'Envumbo*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba Omwana gw'Endiga  
 ng'abembulula akamu ku bubonero  
 bw'envumbo; ne mpulira ekimu ku biramu  
 ebina nga kyogera n'eddobaozi eryawulikika

ng'okubwatuka nga kigamba nti, “Jjangu!”  
<sup>2</sup> Ne ndaba, era laba, embalaasi enjeru, ng'agyebagadde alina omutego ogulasa akasaale; n'aweebwa engule n'agenda ng'awangula, n'awangulira ddala.

<sup>3</sup> Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookubiri, ne mpulira ekiramu ekyokubiri nga kyogera nti, “Jjangu!” <sup>4</sup> Ne wavaayo embalaasi endala nga myufu, eyali agyebagadde n'aweebwa ekitala ekiwanvu, n'aweebwa n'obuyinza okuggyawo emirembe ku nsi, n'okuleeta entalo wakati w'abantu, battinjanane bokka na bokka.

<sup>5</sup> Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akokusatu ne mpulira ekiramu ekyokusatu nga kyogera nti, “Jjangu!” Era laba, ne ndaba embalaasi enzirugavu n'eyali agyebagadde ng'akutte minzaani mu mukono gwe. <sup>6</sup> Ne mpulira eddboozি eryawulikika ng'eriva wakati w'ebiramу ebina nga ligamba nti, “Omugaati gumu gugula ddinaali, ne kilo y'obuwunga bwa sayiri nayo bw'eba egula, kyokka omuzigo n'envinnyo tobyonoona.”

<sup>7</sup> Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookuna ne mpulira ekiramu ekyokuna nga kyogera nti, “Jjangu!” <sup>8</sup> Ne ndaba, era laba, embalaasi ey'erangi ensiiwuukirivu n'eyali agyebagadde ng'ayitibwa Walumbe, ne Magombe n'agenda naye. Ne baweebwa okufuga ekitundu ekyokuna eky'ensi, okutta n'ekitala, n'enjala, n'olumbe, n'ensolo enkambwe ez'oku nsi.

<sup>9</sup> Bwe yabembulula akabonero k'envumbo akookutaano ne ndaba wansi w'ekyoto emyoyo

egy'abo abattibwa olw'okubuuulira ekigambo kya Katonda n'olw'okuba abeesigwa mu bujulizi bwabwe. <sup>10</sup> Ne bakaabirira Mukama n'eddoboozi ery'omwanguka nga bagamba nti, "Ayi Mukama, Omutukuvu era ow'amazima, onoosalira ddi abantu b'ensi omusango, n'owoolera eggwanga olw'omusaayi gwaffe?" <sup>11</sup> Buli omu ku bo n'aweebwa ekyambalo ekyeru, era ne bagambilwa okugira nga bawummulako okutuusa baganda baabwe abalala era baweereza bannaabwe aba Yesu abaali bagenda okuttibwa, lwe balibeegattako.

<sup>12</sup> Awo ne ndaba ng'abembulula akabonero k'envumbo ak'omukaaga; ne wabaawo musisi ow'amaanyi ennyo, era enjuba n'eddugala n'efuuka nzirugavu ng'ekibukutu ekyakolebwa mu bwoya, n'omwezi gwonna ne gumyuka ng'omusaayi. <sup>13</sup> Awo emmunyeenyne ez'omu ggulu ne zigwa ku nsi ng'omutiini bwe gukunkumula emitini egitanayengera olwa kibuyaga ow'amaanyi, <sup>14</sup> n'eggulu ne lyezingako ng'omuzingo gw'ekitabo bwe gwezingazinga na buli lusozi na buli kizinga ne biggibwawo mu bifo byabyo.

<sup>15</sup> Bakabaka b'ensi, n'abafuzi ab'oku ntikko n'abantu abagagga, n'abakulu b'amaggye n'ab'amaanyi, na buli muddu n'ow'eddembe, ne beekweka mu mpuku ne mu njazi z'ensozi. <sup>16</sup> Ne bagamba ensozi nti, "Mutugweko mutukweke mu maaso g'Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka, ne mu busungu bw'Omwana gw'Endiga. <sup>17</sup> Kubanga olunaku olukulu

olw'obusungu bwabwe lutuuse era ani ayinza  
okugumira obusungu bwabwe!"

## 7

*144,000      Bateekebwako      Obubonero*  
*obw'Envumbo*

<sup>1</sup> Oluvannyuma lw'ebyo, ne ndaba bamalayika bana nga bayimiridde ku njuyi ennya ez'ensi, nga bakutte empewo ennya ez'ensi zireme okukunta, waleme kubaawo mpewo ekunta ku nsi, wadde ku nnyanja wadde ku muti gwonna. <sup>2</sup> Ne ndaba malayika omulala ng'ava ebuvanjuba ng'akutte akabonero k'envumbo aka Katonda omulamu, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba bamalayika abana abaali baweereddwa obuyinza okwonoona ensi n'enyanja nti, <sup>3</sup> "Temukola kintu kyonna, ekinayaonoona ensi, n'enyanja oba emit, okutusa nga tumaze okuteeka akabonero k'envumbo ka Katonda akakulu ku byenyi by'abweereza ba Katonda waffe." <sup>4</sup> Awo ne mpulira omuwendo gw'abo abaateekebwako akabonero k'envumbo nga baali emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnya (144,000) okuva mu bika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri.

<sup>5</sup> Ab'omu kika kya Yuda omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
ab'omu kika kya Lewubeeni omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
ab'omu kika kya Gaadi omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),

- <sup>6</sup> ab'omu kika kya Aseri omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Nafutaali omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Manaase omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
<sup>7</sup> ab'omu kika kya Simyoni omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Leevi omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Isakaali omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
<sup>8</sup> ab'omu kika kya Zebbulooni omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Yusufu omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000),  
 ab'omu kika kya Benyamini omutwalo gumu mu enkumi bbiri (12,000). Abo be baa-teekebwako akabonero k'envumbo.

*Ekibiina ky'Abantu Obutabalika nga Bambadde Ebyambalo Ebyeru*

<sup>9</sup> Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina ky'abantu ekinene ennyo nga tebasoboka na kubalika, nga bava mu buli nsi na buli kika, na buli ggwanga na buli lulimi, nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ne mu maaso g'Omwana gw'Endiga nga bambadde ebyambalo ebyeru nga balina n'enkindu mu ngalo zaabwe. <sup>10</sup> Ne boogera mu ddoboozi ery'omwanguka nga bagamba nti,  
 “Obulokozi bwa Katonda waffe  
 atudde ku ntebe ey'obwakabaka  
 era bwa Mwana gw'Endiga.”

**11** Awo bamalayika bona ne bayimirira nga beetoolodde entebe ey'obwakabaka n'abakadde era n'ebiramu ebina, ne bavuunama mu maaso g'entebe ey'obwakabaka ng'ebyenzi byabwe biri wansi ne basinza Katonda. **12** Ne bayimba nti,

“Amiina!

Okutenderezebwa, n'ekitiibwa, n'amagezi,  
n'okwebazibwa, n'ettendo,  
n'obuyinza, n'amaanyi,

bibe eri Katonda waffe emirembe n'emirembe.  
Amiina!”

**13** Awo omu ku bakadde n'ambuuza nti, “Bano abambadde ebyambalo ebyeru obamanyi, era omanyi gye bava?”

**14** Ne nziramu nti. “Mukama wange,  
gw'omanyi.”

N'aŋjamba nti, “Bano be baayita mu kubonaabona okunene, ne bayoza ebyambalo byabwe ne babitukuza mu musaayi gw'Omwana gw'Endiga. **15** Kyebavudde

“babeera wano mu maaso g'entebe  
ey'obwakabaka eya Katonda  
nga bamusinza emisana n'ekiro mu  
Yeekaalu ye.

Oyo atudde ku ntebe ey'obwakabaka,  
anaaberanga nabo ng'abalabirira.

**16** Tebaliddayo kulumwa njala  
wadde ennyonta,

newaakubadde omusana okubookya  
wadde ekyokya ekirala kyonna;

**17** kubanga Omwana gw'Endiga ayimiridde mu  
maaso g'entebe ey'obwakabaka,  
y'anaabeeranga omusumba waabwe

era y'anaabakulemberanga okubatwala eri ensulo ez'amazzi ag'obulamu.  
 Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe."

## 8

*Akabonero k'Envumbo ak'Omusanvu  
 n'Ekyoterezo ekya Zaabu*

<sup>1</sup> Awo Omwana gw'Endiga bwe yabembulula akabonero k'envumbo ak'omusanvu ne wabaawo akasiriikiriro mu ggulu lyonna okumala ng'ekitundu ky'essaawa.

<sup>2</sup> Ne ndaba bamalayika omusanvu abaali bayimiridde mu maaso ga Katonda ne baweebwa amakondeere musanvu.

<sup>3</sup> Awo malayika omulala eyalina ekyoterezo ekya zaabu n'ajja n'ayimirira okuliraana ekyoto, n'aweebwa obubaane bungi nnyo abuveeyo, wamu n'okusaba kw'abatukuvu bonne, ku kyoto ekya zaabu ekyali mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. <sup>4</sup> Akaloosa akalungi n'omukka ebyava mu bubaane obutabuddwamu n'okusaba kw'abatukuvu ne kambuka eri Katonda nga kava mu kyoto malayika mwe yabufuka.

<sup>5</sup> Malayika n'addiria ekyoterezo n'akijjuza omuliro gw'aggye ku kyoto n'aguyiwa wansi ku nsi, ne wabaawo okubwatuka, n'okuwuluguma, n'okwakaayakana, n'okumyansa kw'eggulu era ne wabaawo ne musisi.

*Abafuuyi b'Amakondeere*

<sup>6</sup> Awo bamalayika omusanvu abaalina amakondeere omusanvu ne beeteggeka okufuuwa amakondeere gaabwe.

<sup>7</sup> Malayika ow'olubereberye n'afuuwa ekkondeere lye, omuzira n'omuliro nga byetabudde n'omusaayi ne bisuulibwa wansi ku nsi. Ekitundu ekyokusatu eky'ensi ne kiggya omuliro, bwe kityo n'ekitundu kimu kya kusatu eky'emiti ne kiggya omuliro, n'omuddo gwonna ne guggya.

<sup>8</sup> Malayika owookubiri n'afuuwa ekkondeere lye, ekintu ekinene ennyo nga kifaanana ng'olusozi olunene ennyo nga lwonna lwaka omuliro ne kisuulibwa mu nnyanja. Ekitundu ekimu ekyokusatu ekyennyanya ne kifuuka omusaayi, <sup>9</sup> n'ekimu ekyokusatu eky'ebitonde eby'omu nnyanja ne kifa, n'ekitundu ekimu ekyokusatu eky'amaato ne kizikirira.

<sup>10</sup> Malayika owookusatu n'afuuwa ekkondeere lye, emmunyeenyenye ennene eyakaayakana n'egwa okuva mu ggulu, n'egwa mu kitundu ekimu ekyokusatu eky'emigga n'ensulo z'amazzi. <sup>11</sup> Emmunyeenyenye eyo yali eyitibwa "Kukaawa" n'etteeka obutwa mu kitundu ekimu ekyokusatu eky'amazzi gonna, abantu bangi ne bafa.

<sup>12</sup> Malayika owookuna n'afuuwa ekkondeere lye, ekitundu ekimu ekyokusatu eky'enjuba n'ekimu ekyokusatu eky'omwezi, n'ekimu ekyokusatu eky'emmunyeenyenye, ne bikubwa; era ekyavaamu, obudde obw'emisana ne buzikirako ekitundu ekimu ekyokusatu, n'ekiro ne kyeyongera okukwata ekitundu ekimu ekyokusatu, n'omusana ne gulema okwaka ekitundu ekimu ekyokusatu, n'ekizikiza ne kyeyongera bwe kityo.

**13** Ne ndaba empungu emu ng'ebuuka mu bbanga ng'ereekaana mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Zibasanze, Zibasanze, Zibasanze abantu ab'oku nsi olw'ebintu eby'entiisa ebinaatera okubatuukako kubanga bamalayika abasatu abasigaddeyo banaatera okufuuwa amakondeere gaabwe."

## 9

**1** Awo malayika owookutaano n'afuuwa ekcondeere lye, ne ndaba emmunyeenyne ng'eva mu ggulu ng'egwa ku nsi era n'eweewba ekisumuluzo eky'obunnya obutakoma. **2** Bwe yabusemulula, omukka ne gufubutuka okuvaamu ng'oguva mu kikoomi ekinene ennyo, era enjuba ne bbanga lyonna ne bibuna ekizikiza olw'omukka ogw'omu bunnya. **3** Enzige ne ziva mu mukka ne zikka ku nsi ne ziweebwa obuyinza okulumma ng'enjaba ez'obusagwa. **4** Zaagambibwa obutakola ku muddo kabi konna, newaakubadde ebimera, wadde emit; wabula zirumbe abantu abo abataalina kabonero ka Katonda mu byenyi byabwe. **5** Tezaagambibwa kubatta wabula okubabonyaabonya okumala emyezi etaano nga zibaluma bulumi, ng'obulumi bwazo buli ng'obuva mu kubojjebwa enjaba ez'obusagwa. **6** Mu biro ebyo abantu balyagala okwetta naye tekirisoboka kubanga okufa kuliba kubeesamba; balyegomba okufa naye kwo, nga kubadduka buddusi!

**7** Enzige zino zaali zifaanana ng'embalaasi ezitegekeddwa okugenda ku lutalo okulwana, ne ku mitwe gyazo nga kuli ng'okutikkiddwa

engule za zaabu ate ebyenyi byazo nga  
biri ng'ebi'abantu. <sup>8</sup> Obwoya bwazo nga  
buli ng'enviiri z'abakazi, ate go amannyo  
gaazo gaali ng'ag'empologoma. <sup>9</sup> Zaali  
zambadde eby'omu bifuba ebiri ng'ebi'ebyuma,  
nga n'ebiwaawaatiro byazo biwuluguma  
ng'eddoboozi lya nnamuziga w'amagaali,  
ag'embalaasi ennyingi nga zifubutuka okulaga  
mu lutalo. <sup>10</sup> Zaalina emikira egibojja  
ng'egy'enjaba ez'obusagwa. N'obuyinza  
bwazo obw'okubonyaabonya obwaziweebwa  
obw'emyezi etaano bwali mu mikira omwo.  
<sup>11</sup> Kabaka waazo ye malayika ow'obunnya  
obutakoma, erinnya lye mu Lwebbulaniya ye  
Abadoni\* ate mu Luyonaani ye Apolwoni.†

<sup>12</sup> Eky'entiisa ekisooka ne kiyita, naye  
ng'ekyaliyo bya mirundi ebiri ebijja!

<sup>13</sup> Awo malayika ow'omukaaga n'afuuwa  
ekkondeere lye, ne mpulira eddoboozi nga lyo-  
gera okuva mu mayembe ana agali ku kyoto  
ekya zaabu ekiri mu maaso ga Katonda, <sup>14</sup> nga  
ligamba malayika oyo ow'omukaaga nti, "Sumu-  
lula bamalayika abana abaasibirwa ku mugga  
omunene Fulaati." <sup>15</sup> Bamalayika abana abaali  
basibiddwa nga balindirira omwaka n'omwezi  
ogwo, n'olunaku olwo, n'essaawa eyo, ne ba-  
sumululwa okutta ekitundu ekimu ekyokusatu  
eky'abantu. <sup>16</sup> Ne mpulira omuwendo ogw'eggye  
ery'abaserikale nga bali obukadde ebikumi  
bibiri.

---

\* **9:11** Abadoni kitegeeza muzikiriza      † **9:11** Apolwoni  
kitegeeza nnamuzisa

<sup>17</sup> Ne ndaba mu kwolesebwa, ng'embalaasi n'abaali bazeebagadde nga bambadde eby'omu bifuba ebimyufu, era mwalimu n'abambadde ebya bbululu n'ebya kyenvu. Emitwe gy'embalaasi gyali gifaanana ng'egy'empologoma, ne mu bumwa bwazo ne muvaamu omuliro n'omukka ne salufa. <sup>18</sup> Ebibonyoobonyo ebyo ebisatu: Omukka n'omuliro n'obuganga ebyava mu bumwa bwazo ne bitta ekitundu ekimu ekyokusatu eky'abantu. <sup>19</sup> Amaanyi gaazo ag'okutta tegaali mu bumwa bwazo mwokka, naye gaali ne mu mikira gyazo, kubanga emikira egyo gyali ng'emitwe gy'emisota, nga gye zibojjesa.

<sup>20</sup> Naye era abantu abaasigalawo nga balamu oluvannyuma lw'ebibonoobono bino ne bagaana okwenenya ebikolwa byabwe. Ne batalekaayo kusinza baddayimooni n'ebifaananyi ebyakolebwa n'emikono ebya zaabu n'ebya ffeeza, n'eb'yebikomo, n'eb'yamayinja n'omuti, ebitalaba yadde okuwulira so n'okutambula tebitambula. <sup>21</sup> Era tebeenenya butemu bwabwe, wadde obulogo, wadde obwenzi, wadde obubbi bye baakolanga.

## 10

### *Malayika n'Omuzingo gw'Ekitabo Omutono*

<sup>1</sup> Ne ndaba malayika omulala ow'amaanyi ng'akka okuva mu ggulu nga yeetooloddwa ekire, ng'ayambadde musoke ku mutwe gwe; amaaso ge nga gaakaayakana ng'enjuba ate ebigere bye nga byaka ng'omuliro. <sup>2</sup> Yali alina mu ngalo ze omuzingo gw'ekitabo omutono

ng'agwanjuluzza, n'ateeka ekigere kye ekya ddyo ku nnyanja ate ekya kkono n'akiteeka ku lukalu.<sup>3</sup> N'aleekaana mu ddoboozi ery'omwanguka nga liri ng'okuwuluguma kw'empologoma. Ne wabaawo n'okubwatuka kwa mirundi musanvu olw'eddoboozi eryo.<sup>4</sup> Ebibwatuka omusanvu bwe byayogera, nnali n'atera okuwandiika, ne mpulira eddoboozi eryava mu ggulu nga ligamba nti, "Teeka akabonero ku ebyo ebibwatuka omusanvu bye byogedde, so tobiwandiika."

<sup>5</sup> Awo malayika gwe nalaba ng'ayimiridde ku nnyanja ne ku lukalu n'ayimusa omukono gwe ogwa ddyo eri eggulu,<sup>6</sup> n'alayira Oyo omulamu abeerera emirembe gyonna, eyatonda eggulu n'ebintu byonna ebirimu, n'atonda n'ensi n'ebintu byonna ebigirimu, n'atonda n'enyanja ne byonna ebigirimu, ng'agamba nti, "Tewaliba kulwa nate.<sup>7</sup> Naye mu nnaku ez'eddoboozi lya malayika ow'omusanvu, bw'aliba anaatera okufuuwa ekkondeere, ekyama kya Katonda kiribikkulwa, nga bwe yabuulira abaddu be, bannabbi."

<sup>8</sup> Eddoboozi lye nnawulira nga liva mu ggulu, ne liddamu ne linjambा nti, "Twala omuzingo gw'ekitabo nga mubikkule okuva mu mukono gwa malayika ayimiridde ku nnyanja ne ku lukalu."

<sup>9</sup> Ne njenda eri malayika ne mugamba ampe omuzingo gw'ekitabo ogwo omutono. N'anjambा nti, "Gutwale ogulye; mu kamwa ko guliwoomerera ng'omubisi gw'enjuki, naye guligulunya olubuto lwo."<sup>10</sup> Ne nziggya

omuzingo ogwo omutono mu mukono gwa malayika ne ngulya, ne gumpomera ng'omubisi gw'enjuki, naye bwe nagumira ne gugulumbya olubuto lwange. <sup>11</sup> Ne baŋjamba nti, "Kikugwanidde okuwa obunnabbi nate ku mawanga, n'ensi, n'ennimi ne bakabaka bangi."

## 11

### *Abajulizi Ababiri*

<sup>1</sup> Ne mpeebwa olumuli oluli ng'omuggo okupima ne njambibwa nti, "Golokoka opime Yeekaalu ya Katonda n'ekyoto n'abo abasiniza mu Yeekaalu. <sup>2</sup> Naye oluggya olw'ebweru lwo tolupima kubanga luweereddwayo eri amawanga, era balirinnyirira ekibuga ekitukuvu okumala emyezi amakumi ana mu ebiri (42). <sup>3</sup> Era ndiwa abajulirwa bange ababiri nga bambadde ebibukutu ne bawa obunnabbi okumala ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga (1,260)." <sup>4</sup> Abajulirwa abo ababiri gy'emiti emizeeyituuni ebiri era ebikondo by'ettaala ebibiri, abayimirira mu maaso ga Mukama ow'ensi yonna. <sup>5</sup> Omuntu yenna agezaako okubakolako akabi azikirizibwe n'omuliro oguva mu kamwa kaabwe, ne gwokya abalabe baabwe; era omuntu yenna bw'ayagala okubakolako akabi, bwe kityo kigwana ye okuttibwa. <sup>6</sup> Balina obuyinza okuggalawo eggulu enkuba n'etetonnya mu nnaku ez'obunnabbi bwabwe, era balina n'obuyinza okufuula amazzi omusaayi n'okuleeta buli kubonaabona kwonna ku nsi buli lwe banaabanga baagadde.

<sup>7</sup> Bwe balimala okuwa obujulirwa bwabwe, ensolo enkambwe eva mu bunnya obutakoma erirangirira olutalo ebalwanyise, era ebatte n'okubawangula ebawangule. <sup>8</sup> Emirambo gyabwe girisigala mu nguudo z'ekibuga ekinene, Mukama waabwe mwe yakomererwa ku musaalaba; ekibuga ekiyitibwa "Sodomu" mu mwoyo oba ensi eya "Misiri" mu mwoyo <sup>9</sup> Era okumala ennaku ssatu n'ekitundu emirambo gyabwe girirabibwa abantu abamu n'ebika, n'ennimi, n'amawanga mu nguudo z'ekibuga. Tewali n'omu alikkirizibwa kubaziika. <sup>10</sup> Era walibaawo okusanyuka ku nsi, abantu bonna nga bajaguza n'okuweerezagana ebirabo, n'okwekulisa bannabbi abo ababiri abaliba bafudde abaali bababonyaabonya ennyo.

<sup>11</sup> Naye oluvannyuma lw'ennaku essatu n'ekitundu omwoyo gw'obulamu oguva eri Katonda ne gubayingiramu ne bayimirira. Awo okutya kungi ne kujjira buli muntu yenna eyabalaba. <sup>12</sup> Awo ne bawulira eddoboozi ery'omwanguka okuva mu ggulu nga ligamba nti, "Mulinnye mujje wano." Ne balinnya mu kire okugenda mu ggulu ng'abalabe baabwe babalaba.

<sup>13</sup> Mu ssaawa eyo y'emu ne wabaawo musisi eyasuula ekitundu ekimu eky'ekkumi eky'ekibuga, era abantu kasanvu ne bafa. Abaawona baatya nnyo era ne bagulumiza Katonda ow'eggulu.

<sup>14</sup> Eky'entiisa ekyokubiri ne kiyita, naye ekyokusatu kijja mangu.

*Ekkondeere ery'Omusanvu*

<sup>15</sup> Awo malayika ow'omusantu n'afuuwa ekkondeere lye, ne wabaawo oluyoogaano olunene ennyo mu ggulu nga lugamba nti,  
“Obwakabaka bw'ensi eno kati bufuuse  
bwa Mukama waffe ne Kristo we,  
era anaafuganga emirembe n'emirembe.”

<sup>16</sup> Awo abakadde amakumi abiri mu abana abaali batudde ku ntebe zaabwe ne bavuunama mu maaso ga Katonda ne bamusinza <sup>17</sup> nga bagamba nti,  
“Tukwebaza, ayi Mukama Katonda Ayinzabyonna,  
ggwe aliwo kati era eyaliwo,  
kubanga weddizza obuyinza bwo obungi ennyo,  
Era ofuga.

<sup>18</sup> Amawanga gaakunyiigira,  
naye kaakano naawe ky'ekiseera kyo  
okubayiwako ekiruyi kyo  
era ky'ekiseera okusalira abo abaafa omusango,  
n'okuwa empeera abaweeze bo bannabbi,  
n'abatukuvu bo, n'abo abatya erinnya lyo  
abakulu n'abato,  
n'okuzikiriza abo abaaleeta okuzikirira ku nsi.”

<sup>19</sup> Awo Yeekaalu ya Katonda ey'omu ggulu n'eggulwawo, n'essanduuko ey'endagaano n'erabika mu Yeekaalu ye. Ne wabaawo okumyansa n'okubwatuka kw'eggulu n'omuzira omungi ogw'amaanyi era ensi yonna n'ekankanyizibwa musisi ow'amaanyi ennyo.

## 12

*Omukazi n'Ogusota*

<sup>1</sup> Ne wabaawo ekyewuunyo ekinene mu ggulu. Ne ndaba omukazi ng'ayambadde enjuba n'omwezi nga guli wansi wa bigere bye, ng'alina engule eyaliko emmunyeenyekkumi na bbiri ku mutwe gwe. <sup>2</sup> Yali lubuto era ng'akaaba ng'alumwa okuzaala. <sup>3</sup> Awo ne ndaba ekyewuunyo ekirala mu ggulu, era laba, ogusota ogumyufu nga gulina emitwe musanvu n'amayembe kkumi era nga ku mitwe egyo kuliko engule musanvu. <sup>4</sup> Ku mukira gw'ogusota kwali kuwalulirwako ekitundu ekimu ekyokusatu eky'emmuniyneenye zonna eziri wagggulu mu ggulu, ne guzisuula wansi ku nsi. Ne guyimirira mu maaso g'omukazi oyo, anaatera okuzaala nga gulindirira okulya omwana we nga yaakazaalibwa. <sup>5</sup> Omukazi n'azaala omwana owoobulenzi eyali agenda okufuga amawanga gonna n'omuggo ogw'ekyuma, amangwago n'akwakulibwa n'atwalibwa eri Katonda ku ntebe ye ey'obwakabaka. <sup>6</sup> Omukazi n'addukira mu ddungu eyali ekifo Katonda gye yategeka okumulabirira okumala ennaku Lukumi mu bibiri mu nkaaga.

<sup>7</sup> Ne wabaawo olutalo mu ggulu. Mikayiri ne bamalayika ab'omu kibinja kye ne balwanyisa ogusota n'eggye lya bamalayika baagwo. <sup>8</sup> Oguusota ne guwangulwa era ne gusindiikirizibwa okuva mu ggulu. <sup>9</sup> Oguusota ogwo ogw'amaanyi, era gwe gusota ogw'edda oguyitibwa Setaani Omulimba, alimba ensi yonna, ne gusuulibwa wansi ku nsi n'eggye lyagwo lyonna.

<sup>10</sup> Ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka mu

ggulu nga ligamba nti,  
 "Kaakano obulokozi bwa Katonda, n'amaanyi ge  
 n'obwakabaka bwa Katonda waffe  
 awamu n'obuyinza bwa Kristo we bizzze.  
 Kubanga omulooipi eyaloopanga baganda baffe,  
 eri Katonda waffe emisana n'ekiro,  
 agobeddwaa mu ggulu.

<sup>11</sup> Ne bamuwangula  
 olw'omusaayi gw'Omwana gw'Endiga,  
 n'olw'ekigambo eky'obujulirwa bwabwe,  
 ne bawaayo obulamu bwabwe  
 nga tebatya na kufa.

<sup>12</sup> Noolwekyo ssanyuka ggwe eggulu,  
 nammwe abalituulamu musanyuke.  
 Naye mmwe ensi n'enyanja zibasanze,  
 kubanga Setaani asse gye muli  
 ng'alina obusungu bungi,  
 ng'amanyi nti asigazza akaseera katono."

<sup>13</sup> Awo ogusota bwe gwalaba nga gusuuliddwa  
 ku nsi ne guyigganya omukazi eyazaala omwana  
 owoobulenzi. <sup>14</sup> Naye omukazi n'aweebwa  
 ebiwaawaatiro bibiri ebinene ng'ebey'empungu  
 okubuuka agende mu ddungu mu kifo  
 ekyamuteekerwateekerwa, gy'alabiririrwa  
 era gy'akuumibwa, ogusota ne gutamukola  
 kabi okumala ekiseera n'ekitundu ky'ekiseera.

<sup>15</sup> Oguusota ne guwandula amazzi mangi okuva  
 mu kamwa kaagwo ne ganjaala ne gafuuuka  
 omugga nga galaga omukazi gye yali, nga  
 gafuba okumuzikiriza. <sup>16</sup> Naye ettaka ne liyamba  
 omukazi bwe lyayasama ne limira omugga ogwo  
 ogwayanjaala. <sup>17</sup> Awo ogusota, nga gwonna  
 gujjudde obusungu bungi, ne gugenda okulumba

abaana b'omukazi abalala, abo bonna abaali  
bakwata amateeka ga Katonda era nga bajulira  
Yesu. <sup>18</sup> Ne guyimirira ku lubalama lw'enyanja.

## 13

### *Ekisolo Ekyava mu Nnyanja*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba ekisolo ekikambwe nga kiva mu nnyanja, nga kirina emitwe musanvu n'amayembe kkumi era nga kirina engule kkumi ku mayembe gaakyo, era ku buli mutwe nga kuwandiikkidwako amannya agavoola Katonda. <sup>2</sup> Ekisolo ekyo kye nalaba kyali kifaanana ng'engo naye ng'ebigere byakyo biri ng'ebi'eddubu, kyokka ng'akamwa kaakyo kali ng'ak'empologoma. Ogu sota ne guwa ekisolo ekyo amaanyi gaagwo awamu n'entebe yaakyo ey'obufuzi era n'obuyinza bungi. <sup>3</sup> Awo ogumu ku mitwe gyagwo gwali gufumitiddwa nga gufunye ekiwundu ekyali kigenda okugutta, naye ekiwundu ekyali kigenda okugutta ne kiwona. Ensi yonna ne yeewuunya era abantu ne bagoberera ekisolo ekyo. <sup>4</sup> Ne basinza ogusota olw'okuwa ekisolo ekikambwe obuyinza obwenkaniddaawo, era n'ekisolo ne bakisinza, nga bagamba nti, "Ani akisinga amaanyi era ani ayinza okulwana nakyo?"

<sup>5</sup> Awo ekisolo ne kikkirizibwa okwogera ebintu eby'okwegulumiza n'ebi'obuvvoozi era ne kiweebwa n'obuyinza okumala emyezi amakumi ana mu ebiri. <sup>6</sup> Ekisolo ne kitandika okuvoola Katonda n'obutayogera birungi ku linnya lye, ne ku kifo kye mw'abeera, ne kivuma n'abo

ababeera mu ggulu. <sup>7</sup> Ne kiweebwa obuyinza okulwanyisa abatukuvu n'okubawangula era n'okufuga buli kika, na buli ggwanga, na buli lulimi, na buli nsi. <sup>8</sup> Era abantu bonna abaaliwo okuva ku kutondebwa kw'ensi, abatawandi-ikiddwa mu kitabo eky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga eyattibwa balisinza ekisolo ekyo.

<sup>9</sup> Alina amatu awulire.

<sup>10</sup> Buli ow'okutwalibwa mu busibe  
wa kusiba.

Era buli ow'okuttibwa n'ekitala,  
wa kuttibwa na kitala.

Kubanga awo okugumiikiriza n'okukkiriza  
kw'abatukuvu we kutegeererwa.

### *Ekisolo Ekyava mu Ttaka*

<sup>11</sup> Awo ne ndyoka ndaba ekisolo ekikambwe ekirala nga kiva mu ttaka, nga kirina amayembe abiri agali ng'ag'akaliga akato naye ng'eddoboози lyakyo liri ng'ery'ogusota.

<sup>12</sup> Ekisolo ekyo ne kikozesa obuyinza obwa kiri ekyasooka ekyalina ekiwundu ekyawonyezebwa era ekyasinzibwa ensi yonna. <sup>13</sup> Ne kikola ebyamagero ebyewuunyisa, gamba ng'okuwandula ennimi ez'omuliro ku nsi nga ziva mu bbanga nga buli omu alaba.

<sup>14</sup> Olw'okuweebwa obuyinza okukola ebyamagero ebyo mu linnya ly'ekisolo kiri ekyasooka, abantu bangi baalimbibwalimbibwa. Ekisolo ekyo ne kiragira abantu ab'oku nsi okukola ekifaananyi eky'ekisolo kiri ekyasooka ekyalina ekiwundu eky'ekitala ekyawona. <sup>15</sup> Ekisolo ekyo ne kiweebwa okufuuwa omukka ogw'obulamu mu kifaananyi ky'ekisolo ekyo

kyogere, era ekifaananyi ekyo ne kittisa abantu bangi abaagaana okukisinza. <sup>16</sup> Awo ekisolo ne kiragira bonna, abakulu n'abato, abagaggaa n'abaavu, ab'eddeme n'abaddu, bateekebweko akabonero ku mukono ogwa ddyo oba mu kyenyi, <sup>17</sup> nga tewali n'omu akkirizibwa okugula oba okutunda ekintu kyonna, nga talina kabonero ak'erinnya ly'ekisolo ekyo oba ennamba yaakyoo.

<sup>18</sup> Ekyo kyetaaga amagezi: abo abasobola okutegeera amakulu g'omuwendo guno babale ennamba eri ku kisolo kubanga gwe muwendo gw'omuntu. Omuwendo ogwo guli lukaaga mu nkaaga mu mukaaga.

## 14

### *Oluyimba lwa Banunule*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba Omwana gw'Endiga ng'ayimiridde ku lusozi Sayuuni, ng'ali n'abantu emitwalo kkumi n'ena mu enkumi nnyia (144,000), ng'erinnya lye n'erya Kitaawe gawandiikiddwa mu byenyi by'abantu abo.

<sup>2</sup> Ne mpulira eddoboozi eryava mu ggulu nga liyira ng'ekiyiriro eky'amazzi amangi n'okubwatuka kw'eggulu kwali kw'amaanyi nnyo. Eddoboozi eryo lyali ng'okuyimba okw'abayimbi nga bakuba n'ennanga zaabwe.

<sup>3</sup> Ne bayimba oluyimba olwali ng'oluyimba oluggya olulungi ennyo mu maaso g'entebe ey'obwakabaka eya Katonda ne mu maaso g'ebiramu ebina n'abakadde. Ne wataba muntu n'omu eyasobola okuyiga oluyimba

olwo okuggyako abo emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, abaanunulibwa okuva mu nsi. <sup>4</sup> Abo be bantu abateeeyonoonesanga eri abakazi; be bagoberera Omwana gw'Endiga buli gy'alaga. Baanunulibwa mu bantu ab'omu nsi ne beewaayo ng'ebibala ebibereberye eri Katonda n'eri Omwana gw'Endiga. <sup>5</sup> Si ba bulimba era tebaliiko kya kunenyezebwa.

### *Bamalayika Abasatu*

<sup>6</sup> Awo ne ndaba malayika omulala ng'abuukira mu bbanga ng'alina Enjiri ey'emirembe n'emirembe ey'okubuulira abo abali mu nsi, na buli ggwanga, na buli kika, na buli lulimi n'abantu. <sup>7</sup> N'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Mutye Katonda era mwolese obukulu bwe, kubanga ekiseera kituuse alamule. Mumusinze oyo eyakola eggulu n'ensi, n'enyanja, n'ensulo z'amazzi zonna."

<sup>8</sup> Ate malayika omulala owookubiri n'amugoberera ng'agamba nti, "Babulooni kigudde! Kigudde, ekibuga ekikulu, kubanga kyasendasenda amawanga gonna okunywa ku nvinnyo y'obusungu obw'obwenzi bwakyo."

<sup>9</sup> Ne malayika omulala owookusatu n'abagoberera ng'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Omuntu yenna anaasinza ekisolo n'ekifaananyi kyakyo, era anakkiriza okuteeka akabonero kaakyo ku kyenyi kye oba ku mukono gwe ogwa ddyo, <sup>10</sup> oyo alinywa ku nvinnyo y'obusungu bwa Katonda, nga muka mu kikompe eky'obusungu bwe. Era alibonyaabonyezebwa n'omuliro ne salufa

ebyaka mu maaso ga bamalayika abatukuvu ne mu maaso g’Omwana gw’Endiga. <sup>11</sup> Omukka gw’okubonaabona kwabwe gunyooka emirembe n’emirembe, so tebaliiko we bawummulira emisana n’ekiro abo abaasinza ekisolo n’ekifaananyi kyakyo, ne bakkiriza n’okuteekebwako akabonero ak’erinnya lyakyo. <sup>12</sup> Kino kisaanye okulaga abatukuvu abawkwata ebiragiro bya Katonda ne bakkiririza mu Yesu ne bagumiikiriza okugezesebwa.”

<sup>13</sup> Awo ne mpulira eddoboozi nga liva mu ggulu nga ligamba nti, “Wandiika kino nti okuva kaakano, balina omukisa abafu, abafiira mu Mukama waffe.”

“Balina omukisa ddala,” bw’ayogera Omwoyo. “Banaawummula okutegana kwabwe, kubanga ebikolwa byabwe bibagoberera.”

### *Okukungula kw’Ensi*

<sup>14</sup> Ne ndaba, era laba, ekire ekyeru era nga kiriko akituddeko eyali afaanana ng’Omwana w’Omuntu eyalina engule eya zaabu ku mutwe gwe era ng’akutte ekiwabyo ekyogi mu mukono gwe. <sup>15</sup> Awo malayika omulala n’ava mu Yeekaalu, n’amugamba mu ddoboozi ery’omwanguka nti, “Tandika okukoza ekiwabyo kyo okukungula, kubanga ekiseera kituuse era n’eb yokukungula ku nsi byengedde.” <sup>16</sup> Bw’atyo eyali atudde ku kire n’awuuba ekiwabyo kye era n’akungula ensi.

<sup>17</sup> Awo malayika omulala n’ava mu Yeekaalu ey’omu ggulu era naye ng’alina ekiwabyo ekyogi. <sup>18</sup> Malayika omulala eyalina obuyinza ku

muliro, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka ng'agamba eyalina ekiwabyo ekyogi nti, "Kozesa ekiwabyo kyo osale ebirimba by'emizabbibu egy'oku nsi, kubanga gyengedde." <sup>19</sup> Bw'atyo malayika n'awuuba ekiwabyo ekyogi ku nsi, n'akunjanyaiza ebibala ebyo mu ssogolero ly'obusungu bwa Katonda. <sup>20</sup> Emizabbibu ego ne gisogolerwa ebweru w'ekibuga era omugga gw'omusaayi ne gukulukuta okuva mu ssogolero, obugulumivu bwagwo ne buba ng'okutuuka ku kyuma ky'omu kamwa k'embalaasi, ate obuwantu bwagwo ne guweza nga kilomita ebikumi bisatu (300).

## 15

### *Bamalayika Omusanvu n'Ebibonoobono Omusanvu*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba akabonero akalala mu ggulu ak'amaanyi era nga ka kitalo bamalayika omusanvu nga balina ebibonoobono musanvu, olwo ekiruyi kya Katonda kiryoke kituukirire. <sup>2</sup> Awo ne ndaba ekifaanana ng'ennyanja etangalija ng'eri ng'endabirwamu erimu omuliro, era ku nnyanja eyo kwali kuyimiriddeko abo abaali bawangudde ekisolo n'ekifaananyi kyakyo awamu n'akabonero ak'omuwendo gwakyo, nga bakutte ennanga Katonda ze yabawa. <sup>3</sup> Baali bayimba oluyimba lwa Musa omuddu wa Katonda, n'oluyimba lw'Omwanan gw'Endiga nga lugamba nti, "Ebikolwa byo bikulu era bya kyewuunyo, ayi Mukama Katonda Ayinzabyonna. Amakubo go matukuvu era ga mazima,

ayi ggwe Kabaka w'amawanga.  
<sup>4</sup> Ani ataakutye Ayi Mukama,  
     n'atagulumiza linnya lyo?  
 Gewe wekka gwe Mutukuvu,  
 amawanga gonna galijja  
     ne gasinziza mu maaso go,  
 Kubanga ebikolwa byo eby'obutuukirivu  
     birabise."

<sup>5</sup> Oluvannyuma lw'ebyo, ne ndaba Yeekaalu ng'eggaddwawo, lye kkunjaaaniro ly'obujulirwa mu ggulu. <sup>6</sup> Awo bamalayika omusanvu abaalina ebibonoobono omusanvu ne bafuluma mu Yeekaalu nga bambadde engoye eza linena ennyonjo nga zimasamasa era nga beesibye mu bifuba byabwe enkoba eza zaabu. <sup>7</sup> Ekimu ku biramu ebina ne kiwa bamalayika omusanvu ebibya musanvu ebya zaabu nga bijjudde ekiruyi kya Katonda omulamu era abeera omulamu emirembe n'emirembe. <sup>8</sup> Awo Yeekaalu n'ejjula omukka ogwava mu kituibwa kya Katonda n'emu maanyi ge, so tewали muntu n'omu eyayinza okuyingira mu Yeekaalu okutuusa ebibonoobono omusanvu ebya bamalayika omusanvu lwe by-atuukirira.

## 16

### *Ebibya Omusanvu ebirimu Obusungu bwa Katonda*

<sup>1</sup> Awo ne mpulira eddoboozi ery'omwanguka okuva mu Yeekaalu nga ligamba bamalayika omusanvu nti, "Mugende muysiwe ku nsi ebibya omusanvu ebirimu ekiruyi kya Katonda."  
<sup>2</sup> Malayika eyasooka n'ava mu Yeekaalu n'ayiwa

ekibya kye ku nsi. Awo amabwa amazibu ne gajja ne gakwata buli muntu eyalina ak-abonero k'ekisolo na buli eyasinzanga eki-faananyi kyakyo.

<sup>3</sup> Malayika owookubiri n'ayiwa ekibya kye ku nnyanja, amazzi ne gafuuka ng'omusaayi gw'omuntu amaze ekiseera ekitono ng'afudde. Ebiramu byonna ebyali mu nnyanja ne bifा.

<sup>4</sup> Malayika owookusatu n'ayiwa ekibya kye ku migga ne ku nsulo z'amazzi, byonna ne bifuuka ng'omusaayi. <sup>5</sup> Ne mpulira malayika eyakola ku mazzi ng'ayogera nti,

"Oli mutuukirivu, Ayi ggwe Omutukuvu,  
aliwo era eyaliwo, kubanga bw'otyo bwe  
wasala omusango.

<sup>6</sup> Olw'okubanga baayiwa omusaayi  
gw'abatukuvu ne bannabbi,  
ogwo gwe musaayi gw'obawadde okunywa."

<sup>7</sup> Awo ne mpulira ekyoto ng'akyogera nti,  
"Weewaawo Mukama Katonda Ayinzabyonna,  
ensala yo ya bwenkanya era ya mazima."

<sup>8</sup> Awo malayika owookuna n'ayiwa ekibya kye ku njuba, n'evaamu omuliro ne gwokya abantu. <sup>9</sup> Abantu ne bookebwa omuliro og-wagivaamu ne bavvoola erinnya lya Katonda Omuyinza w'ebibonyoobonyo ebyo, ne batee-nenya okukyuka okuliwa ekitiibwa.

<sup>10</sup> Awo malayika owookutaano n'ayiwa ekibya kye ku ntebe ey'obufuzi bw'ekisolo, obwak-abaka bwakyo ne bujjula ekizikiza. N'abo be kifuga nabo obulumi ne bubalumya obujiji, <sup>11</sup> ne bavvoola Katonda ow'eggulu olw'obulumi bwe

baalimu, n'amabwa agaali gabaluma, naye ne bateenenya bikolwa byabwe ebibi.

<sup>12</sup> Awo malayika ow'omukaaga n'ayiwa ekibya kye ku mugga omunene Fulaati ne gukalira, bakabaka ab'ebuvanjuba basobole okuyisaawo amaggye gaabwe. <sup>13</sup> Ne ndaba emyoyo egitali mirongoofu esatu nga gifaanana ng'ebikere nga giva mu kamwa k'ogusota, n'ak'ekisolo, n'aka nnabbi ow'obulimba. <sup>14</sup> Abo be baddayimooni abakozi b'ebiyamagero abateesa n'abafuzi bonna ab'oku nsi okukunjaana okulwana ne Katonda Ayinzabyonna ku lunaku olw'olutalo.

<sup>15</sup> “Laba, nzija ng'omubbi! Alina omukisa oyo alindirira n'akuuma ekyambalo kye nga kiyonjo, era taliyita bwereere, si kulwa ng'aswala.”

<sup>16</sup> Emyoyo egyo ne gibakuŋjaanyiza mu kifo ekiyitibwa Magedoni mu Lwebbulaniya.

<sup>17</sup> Awo malayika ow'omusanvu n'ayiwa ebyali mu kibya kye mu bbanga. Eddoboozi ery'omwanguka ne liva mu Yeekaalu mu ntebe y'obwakabaka nga lyogera nti, “Kiwedde.”

<sup>18</sup> Awo ne walabika okumyansa kw'eggulu n'okubwatuka ne musisi ow'entiisa atabangawo ku nsi. <sup>19</sup> Ekibuga Babulooni ekikulu ne kyeyubuluzaamu ebitundu bisatu, n'ebibuga by'amawanga ne bigwa. Awo Babulooni ekikulu ne kijjukirwa mu maaso ga Katonda, era ne kiweebwa ekikompe ky'envinnyo eky'obukambwe bw'ekiruyi kya Katonda. <sup>20</sup> Buli kizinga ne kidduka era tewaali lusozi na lumu

olwalabikako. <sup>21</sup> N'omuzira ogw'amaanyi ne gugwa okuva mu ggulu, buli mpeke ng'obuzito bwayo buwera nga kilo amakumi ataano malamba ne gukuba abantu. Abantu ne bakolimira Katonda olw'ekibonyoobonyo ekyo eky'okukubibwa omuzira ogw'amaanyi era omuzito bwe gutyo.

## 17

### *Omukazi eyali Yeebagadde Ekisolo*

<sup>1</sup> Awo omu ku bamalayika omusanvu abaalina ebibya omusanvu n'ajja n'ayogera nange, n'anjamba nti, "Jjangu nkulage ebigenda okutuuka ku mukazi malaaya omukulu atudde ku mazzi amangi. <sup>2</sup> Bakabaka ab'oku nsi bayenda naye n'abantu ab'oku nsi banywa omwenge ogw'obwenzi bwe ne batamiira."

<sup>3</sup> Bw'atyo malayika n'antwala mu mwoyo, mu ddungu, ne ndaba omukazi ng'atudde ku kisolo ekimyufu ekyalina emitwe omusanvu n'amayembe ekkumi, okwali kuwandiikiddwa amannya agavoola Katonda. <sup>4</sup> Omukazi yali ayambadde engoye bbiri olugoye olumyufu n'olwa kakobe era ng'alina n'ebintu ebirala eby'omuwendo, nga zaabu n'amayinja ag'omuwendo, era ng'akutte mu mukono gwe ekikompe ekya zaabu nga kijjudde eby'omuzizo byonna eby'obwenzi bwe. <sup>5</sup> Ebiwandiiko eby'ekyama byali biwandiikiddwa ku kyenyi kye nga bigamba nti:

Babulooni Ekibuga Ekikulu  
Nnyina wa Bamalaaya bona,

era Nnyina w'Eby'emizizo mu nsi.

**6** Ne ndaba omukazi ng'atamidde omusaayi gw'abatukuvu, awamu n'ogw'abajulirwa abat-tibwa olwa Yesu.

Bwe namulaba ne neewuunya. **7** Malayika n'ambuuza nti, "Lwaki weewuunya? Nzija kukunnyonnyola ebyama eby'omukazi oyo era n'ekisolo kw'atudde ekirina emitwe omusantu n'amayembe ekkumi. **8** Ekisolo kye walabye kyaliwo, naye kaakano tekikyaliwo era mu bbanga ttono kiriggyibwa mu bunnya obutakoma kiryoke kizikirizibwe. Abantu abali ku nsi amannya gaabwe nga tegawandiikiddwa mu kitabo eky'Obulamu okuva ensi lwe yatondebwa, balyewuunya okulaba ekisolo ekyaliwo, ne kitabeerawo, ate ne kiddamu okubeerawo.

**9** "Kale kyetaaga amagezi n'okutegeera. Emitwe omusantu ze nsozi omusantu omukazi kw'atudde, era be bakabaka omusantu. **10** Abataano baagwa, omu y'aliwo kaakano, naye omulala tannajja wabula bw'anajja kimugwanira okubeerawo ekiseera kitono. **11** Ekisolo ekyaliwo, kaakano nga tekikyaliwo, ky'eky'omunaana, kyokka kiri nga biri omusantu; era nakyo kirizikirizibwa.

**12** "Amayembe ekkumi ge walaba be bakabaka ekkumi abatannaweebwa buyinza kufuga; balirondebwa okufugira wamu n'ekisolo okumala essaawa emu. **13** Bonna bassa kimu era baliwa ekisolo ekikambwe, amaanyi n'obuyinza bwabwe. **14** Bano balyegatta wamu okulwanyisa Omwana gw'Endiga, kyokka Omwana gw'Endiga alibawangula kubanga ye

Mukama wa bakama era Kabaka wa bakabaka, abali awamu naye be yayita era abalonde beabeeesigwa.”

<sup>15</sup> Awo malayika n'anjamba nti, “Amazzi ge walaba omukazi omwenzi kw'atudde, be bantu n'ebibinja by'abantu aba buli kika n'aba buli lulimi. <sup>16</sup> Ekisolo n'amayembe ekkumi bye walaba birikyawa omukazi oyo ne bimulumba ne bimulwanyisa, era birimuleka bwereere nga talina ky'ayambadde ne birya omubiri gwe, ne bimwokya n'omuliro. <sup>17</sup> Kubanga Katonda ye yakibiwa bituukirize ebyo bye yasiima okukola, n'okukola n'omwoyo gumu n'okuwa obwakabaka bwabwe ekisolo ekyo okutuusa ekigambo kya Katonda lwe kirituukirira. <sup>18</sup> Ate omukazi gwe walabye, ky'ekibuga ekikulu ekifuga bakabaka bona ab'oku nsi.”

## 18

### *Okugwa kwa Babulooni*

<sup>1</sup> Oluvannyuma lw'ebyo ne ndaba malayika omulala ng'akka okuva mu ggulu n'obuyinza obungi ennyo era ensi n'eyakaayakana olw'ekitiibwa kye yalina. <sup>2</sup> N'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka nti,  
“Babulooni ekibuga ekikulu kigudde! kigudde!  
Kifuuse empuku ya baddayimooni,  
n'ekkomera lya buli mwoyo ogutali mulongoofu,  
n'ekkomera erya buli nnyonyi etali nnon-goofu,  
n'ekkomera erya buli kisolo ekitali kiron-goofu, ebyakyayibwa.

- 3 Kubanga amawanga gonna gaanywa ku mwenge gw'obwenzi bwe.  
 Bakabaka ab'omu nsi bonna baayenda naye.  
 Era abasuubuzi ab'omu nsi yonna  
 bagaggawadde olw'obulamu bwe  
 obw'okwejalabya."
- 4 Ne mpulira eddoboozi eddala nga lyogera okuva mu ggulu nga ligamba nti,  
 "Mmwe abantu bange muve mu kibuga ekyo'  
 muleme kwegatta mu bibi bye,  
 muleme kubonerezebwa wamu naye.
- 5 Kubanga ebibi bye bingi nnyo, era bituuse ne mu ggulu,  
 era Katonda ajjukira obutali butuukirivu bwe.
- 6 Mumuyise nga naye bwe yayisa abalala;  
 mumubonereze emirundi ebiri  
 olw'ebikolwa bye ebibi.  
 Mumuyengere emirundi ebiri mu kikompe  
 kye yagabulirangamu abalala.
- 7 Nga bwe yeegulumiza ne yeejalabya,  
 bw'otyo bw'oba omubonereza era omu-nakuwaze,  
 kubanga ayogera mu mutima gwe nti,  
 'Ntudde nga kabaka omukazi,  
 siri nnamwandu,  
 era sirina nnaku.'
- 8 Noolwekyo ebibonyoobonyo eby'okufa  
 n'okukaaba n'enjala birimujira mu lunaku lumu,  
 era alizikirizibwa n'omuliro;  
 kubanga Mukama Katonda  
 amusalidde omusango.

<sup>9</sup> “Bakabaka ab’omu nsi abeegatta naye mu bwenzi bwe ne beejalabya naye, balimukaabira nga bakuba ebiwoobe bwe baliraba omukka oguva mu kifo mw’alyokerwa. <sup>10</sup> Baliyimirira wala nga bakankana olw’okutya era nga boogera mu ddoboozi ery’omwanguka nti,

“Zikisanze, Zikisanze Babulooni ekibuga ekyo ekikulu!

Ekibuga eky’amaanyi,

Kubanga mu ssaawa emu omusango gwakyo gusaliddwa.’

<sup>11</sup> “Abasuubuzi b’omu nsi balimukaabira nga bamukungubagira kubanga nga tewakyali abagulako byamaguzi byabwe. <sup>12</sup> Ebyamaguzi ebya zaabu, n’ebya ffeeza, n’ebya’amayinja ag’omuwendo, ne luulu, n’ebya’engoye eza linena, n’ezza kakobe, n’ezza liiri, n’emyufu era na buli muti gwonna ogwa kaloosa, n’ebintu eby’amasanga, na buli kika eky’emiti egypt’omuwendo ennyo, n’ebikomo, n’ebiyuma awamu n’amayinja aga mabbo; <sup>13</sup> n’ebiyakaloosa, n’ebinzaali, n’obubaane, n’omuzigo gw’omugavu, n’envinnyo, n’amatufuta, n’obuwunga bw’enjaano obulungi; n’ente, n’endiga; n’embalaasi, n’amagaali; n’abaddu n’emyoyo gyabwe.

<sup>14</sup> “Ekibala emmeeme yo kye yeegombanga, tekyakirina, byonna eby’omuwendo omungi n’ebya’okwejalabya tebikyali bibyo. Bikuvuddeko byonna so toliddayo kubirabako nate emirembe gyonna.” <sup>15</sup> Bwe batyo abasuubuzi abaagaggawala olw’okubaguza ebintu bino, baliyimirira wala nga nabo batya, olw’okutya okubonaabona

kwe, n'okukaaba kwe, n'okunakuwala kwe,  
<sup>16</sup> nga bagamba nti,

“Zikisanze, Zikisanze, ekibuga ekikulu,  
 ekifaanana ng'omukazi ayambadde engoye  
 eza linena omulungi, n'eza kakobe,  
 n'emyufu,  
 era ng'ataddemu eby'omu bulago ebya za-  
 abu n'amayinja ag'omuwendo omungi ne  
 luulu.

<sup>17</sup> Mu ssaawa emu obugagga obwenkanaawo  
 bwonna buzikiridde!”

“Era abo bona abalina emmeeri  
 ez'eb'yobusuubuzi awamu n'abagoba baazo,  
 n'abo abazikolamu, baayimirira wala.

<sup>18</sup> Bakaaba nga balaba omukka oguva mu muliro  
 ogumwokya, nga gwambuka, nga bwe bagamba  
 nti, ‘Ekibuga ekiri nga kino kirirabika wa nate?’

<sup>19</sup> Ne beeyiyira enfuufu ku mitwe gyabwe nga  
 banakuwadde era nga bakaaba nga boogera nti,  
 “Zikisanze, Zikisanze, ekibuga ekikulu!

Kyabagaggawaza bona  
 abaalina ebyombo ku lubalama lw'ennyanja  
 olw'obugagga obwakirimu,  
 naye kaakano mu ssaawa emu byonna ebyakir-  
 imu bizikiridde.”

<sup>20</sup> “Kyokka ggwe eggulu ssanyuka  
 olw'okubonerezebwa kwe,  
 nammwe abatukuvu  
 ne bannabbi n'abatume musanyuke.

Kubanga Katonda amusalidde omusango  
 ku lwammwe.”

<sup>21</sup> Awo malayika omu ow'amaanyi n'asitula  
 ejinja eddene eriri ng'olubengo n'alisuula

mu nnyanja nga bw'ayogera mu ddoboozi  
ery'omwanguka nti,

“Bwe kityo Babulooni,

ekibuga ekikulu bwe kirisuulibwa wansi  
n'amaanyi,

era tekiriddayo kulabika nate emirembe gy-  
onna.

<sup>22</sup> Mu ggwe temuliwulirwa nate ddoboozi lya  
bayimbi,

n'abakubi b'ennanga n'ery'abafuuyi  
b'endere, n'ery'abafuuyi b'eŋjombe.

Mu ggwe temulisangibwamu muweesi  
wadde okuweesa okw'engeri yonna,  
newaakubadde okuvuga kw'olubengo nga basa  
tekuliwulirwa mu ggwe.

<sup>23</sup> Ekitangaala ky'ettabaaza ng'eyaka  
tekirirabikira mu ggwe nate,  
kubanga abasuubuzi be wasuubulanga nabo  
baamanyika nnyo mu nsi yonna,  
era walimbalimba amawanga gonna  
n'ebi'obulogo bwo.

<sup>24</sup> Era mu Babulooni mwasangibwamu omusaayi  
gw'abatukuvu n'ogwa bannabbi,  
n'abo bonna abattibwa ku nsi.”

## 19

### *Aleruuya*

<sup>1</sup> Oluvannyuma lw'ebyo ne mpulira  
oluyoogaano lw'abantu abangi mu ggulu nga  
bagamba nti,

“Aleruuya!

Obulokozi n'ekitiibwa n'amaanyi bya Katonda  
waffe.

**2** Kubanga ensala ye ey'emisango ya mazima  
era ya butuukirivu.

Yabonereza malaaya omukulu  
eyayonoona ensi n'obwenzi bwe.

Era yawoolera eggwanga ku mwenzi oyo  
olw'omusaayi gw'abawereza be."

**3** Ate ne boogera ogwokubiri mu ddoboozi  
ery'omwanguka nti,

"Aleruuya!

Omukka ogw'okwokebwa kwe n'omuliro, guny-  
ooka emirembe n'emirembe!"

**4** Awo ebiramu ebiña n'abakadde amakumi  
abiri mu abana ne basinza Katonda eyali atudde  
ku ntebe ey'obwakabaka, nga bagamba nti,

"Amiina. Aleruuya."

**5** Awo eddoboozi ne liva mu ntebe  
ey'obwakabaka nga ligamba nti:

"Mumutendereze Katonda waffe,  
mmwe abaddu be mwenna  
abamutya

abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa."

**6** Ate ne mpulira oluyoogaano lw'abantu  
abangi olwawulikika ng'amayengo ag'ennyanya  
ennene, oba ng'eddoboozi ery'okubwatuka, ne  
boogera nti,

"Aleruuya,

kubanga Mukama Katonda waffe Ayinzaby-  
onna y'afuga.

**7** Ka tusanyuke, tujaguze,  
era tumugulumize,

kubanga ekiseera kituuse eky'embaga  
ey'obugole ey'Omwana gw'Endiga,  
era n'omugole we yeeteseteese.

<sup>8</sup> Omugole n'ayambazibwa olugoye olwa linena  
omulungi ennyo,  
olunekaaneka era olusingayo okutukula.”  
(Linena omulungi ennyo by'ebikolwa  
eby'obutuukirivu eby'abatukuvu.)

<sup>9</sup> Malayika n'anjamba nti, “Wandiika nti  
balina omukisa abo abayitiddwa ku kijulo  
ky'embaga ey'obugole ey'Omwana gw'Endiga.”  
N'ayongerako na kino nti, “Katonda yennyini ye  
yakyogera.”

<sup>10</sup> Ne ndyoka ngwa wansi ku bigere bye  
okumusinza naye ye n'anjamba nti, “Tokikola!  
Kubanga nange ndi muddu wa Katonda nga  
ggwe era ng'abooluganda abalala abanywer-  
era ku ebyo Yesu bye yatumanyisa! Ssinza  
Katonda. Okutegeeza kwa Yesu gwe mwoyo  
gw'obunnabbi.”

### *Eyeebagadde Embalaasi Enjeru*

<sup>11</sup> Ne ndaba eggulu nga libikkuse era laba em-  
balaasi enjeru ng'agyebagadde ayitibwa Omwe-  
sigwa era Ow'amazima, asala omusango mu  
butuukirivu era mulwanyi wa kitalo mu ntalo.

<sup>12</sup> Amaaso ge gaali ng'olulimi lw'omuliro og-  
waka, era nga yeetikkidde engule nnyingi ku  
mutwe gwe, ng'alina erinnya eriwandiikkidwa,  
kyokka ye yekka nga y'alimanyi. <sup>13</sup> Yali  
ayambadde ekyambalo ekyali kinnyikiddwa mu  
musaayi era ng'erinnya lye ye Kigambo wa  
Katonda. <sup>14</sup> Ab'eggye ery'omu ggulu abaali  
bambadde engoye eza linena omulungi ennyo  
enjeru, nabo ne bamugoberera nga beebagadde

embalaasi enjeru. <sup>15</sup> Mu kamwa ke mwavaamu ekitala eky'obwogi eky'okutemesa amawanga. "Alibafuga n'omuggo ogw'ekyuma." Alirinnya ku ssogolero ly'omwenge ogw'obusungu bwe, kye kiruyi kya Katonda Ayinzabyonna. <sup>16</sup> Ku kyambalo kye ne ku kisambi kye kwali kuwandi-ikiddwako nti:

"Kabaka wa Bakabaka era Mukama wa  
bakama."

<sup>17</sup> Awo ne ndaba malayika omu ng'ayimiridde mu njuba ng'ayogera mu ddoboозi ery'omwanguka ng'agamba ebinyonyi nti, "Mujje mukunjaane ku kijjulo kya Katonda omukulu, <sup>18</sup> mulye ennyama y'emirambo gya bakabaka, abakulu b'amaggae n'abasajja ab'amaanyi, n'egy'embalaasi n'egy'abo abazeebagala, era n'egy'abantu bonna abaddu n'ab'eddembe, abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa."

<sup>19</sup> Awo ne ndyoka ndaba ekisolo n'abafuzi ab'omu nsi n'amaggae gaabwe nga bakuنجaanye balwanyise oyo eyali yeebagadde embalaasi, awamu n'eggye lye. <sup>20</sup> Ekisolo ne kiwambibwa awamu ne nnabbi ow'obulimba eyakolanga ebyamagero ng'ekisolo kiraba; bye yakola ng'alimbalimba abo abakkiriza akabonero k'ekisolo era abasinza ekifaananyi kyakyo. Awo ekisolo ne nnabbi ow'obulimba ne basuulibwa nga balamu, mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa. <sup>21</sup> Abaasigalawo ne battibwa n'obwogi bw'ekitala ekyava mu kamwa k'oyo eyeebagadde embalaasi. Ennyonyi zonna ez'omu bbanga ne zirya ne zekkutira emirambo gyabwe.

**20***Emyaka Olukumi*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba malayika ng'akka okuva mu ggulu ng'alina ekisumuluzo eky'obunnya obutakoma era ng'alina olujegere oluzito mu mukono gwe. <sup>2</sup> N'akwata ogusota guli ogw'edda, ye Setaani, n'agusiba mu lujegere gumale emyaka lukumi, <sup>3</sup> n'agusuula mu bunnya obutakoma era n'agusibiramu n'ateekako n'envumbo guleme kulimbalimba mawanga nate okutuusa ng'emyaka olukumi giweddeko. Bwe giriggwaako, Setaani ng'asumululwa okumala akaseera katono.

<sup>4</sup> Awo ne ndaba entebe ez'obwakabaka nga zituliddwako abaaweebwa obuyinza okusala emisango. Ne ndaba emyoyo gy'abo abaate-mebwako emitwe olw'okunywewera ku Yesu ne ku kigambo kya Katonda, era abataasinza kisolo ekikambwe wadde ekifaananyi kyakyo era abatakkiriza kabonero kaakyo mu byenyi byabwe oba ku mikono gyabwe. Abantu abo ne balamuka era ne bafugira wamu ne Kristo okumala emyaka lukumi. <sup>5</sup> Naye abafu abalala tebaazuukira okutuusa ng'emyaka olukumi giweddeko. Kuno kwe kuzuukira okusooka. <sup>6</sup> Balina omukisa era batukuvu abalizuukirira mu kuzuukira okusooka. Kubanga okufa ok-wokubiri tekuliba na maanyi ku bo, balibeera bakabona ba Katonda ne Kristo era balifugira wamu ne Kristo okumala emyaka egyo olukumi.

*Setaani Azikirizibwa*

<sup>7</sup> Awo emyaka olukumi bwe giriggwaako, Setaani aliteebwa okuva mu kkomera lye.  
<sup>8</sup> Alifuluma okulimbalimba Googi ne Magoogi, ge mawanga ag'omu nsonda ennya ez'ensi, era alikuŋjaanya abantu ne baba eggyc ery'okulwana eritasoboka na kubalika nga liri ng'omusenyu ogw'oku lubalama lw'ennyanja.  
<sup>9</sup> Ne bambuka basale olusenyi olunene olw'ensi balyoke bazingize abatukuvu okuva ku buli luuyi lw'ekibuga ekyagalwa. Kyokka omuliro ne guva mu ggulu ne gubookya era ne gubamalawo.  
<sup>10</sup> Awo Setaani eyabalimbalimba n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro eyaka ne salufa, omuli ekisolo ne nnabbi ow'obulimba era banaabonyaabonyezebwanga emisana n'ekiro emirembe n'emirembe.

### *Abafu Balamulwa*

<sup>11</sup> Awo ne ndaba entebe ey'obwakabaka enjeru n'Oyo eyali agituddeko. Ensi n'ebbangwa ne bidduka okuva mu maaso ge, naye nga tewali we biyinza kwekweka. <sup>12</sup> Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali. <sup>13</sup> Ennyanja zonna ne ziwaayo abafu abaali mu zo, n'okufa n'Amagombe nabyo ne biwaayo abafu abaabirimu. Buli omu n'asalirwa omusango, ng'ebikolwa bye bwe byali. <sup>14</sup> Okufa n'Amagombe ne bisuulibwa

mu nnyanja ey'omuliro, kuno kwe kufa ok-wokubiri. <sup>15</sup> Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikkiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.

## 21

### *Yerusaalemi Ekiggya*

<sup>1</sup> Awo ne ndaba eggulu eriggya n'ensi empya. Eggulu eryasooka n'ensi eyasooka byali biwed-dewo nga n'ennyanja tekyaliwo. <sup>2</sup> Ne ndaba ekibuga ekitukuvu Yerusaalemi ekiggya nga kikka okuva ewa Katonda mu ggulu, nga kiri ng'omugole bw'abeera ku mbaga ey'obugole bwe, ng'ayonjereddwa bbaawe. <sup>3</sup> Ne mpulira ed-doboozi ery'omwanguka nga lyogera okuva mu ntebe ey'obwakabaka nti, "Laba eyeekaalu ya Katonda kaakano eri mu bantu, anaabeeranga nabo era banaabeeranga bantu be, Katonda yennyini anaaberanga nabo, era anaabeeranga Katonda waabwe. <sup>4</sup> Alisangula amaziga mu maaso gaabwe, olwo nga tewakyali kufa, wadde ennaku, wadde okukaaba, wadde okulumwa kubanga byonna ebyasooka nga biwedde."

<sup>5</sup> Oyo eyali atudde ku ntebe ey'obwakabaka n'agamba nti, "Laba, ebintu byonna mbizzizza buggyga." Era n'anjambamba nti, "Wandiika bino, kubanga bigambo bya bwesigwa era bya mazima!"

<sup>6</sup> N'anjambamba nti, "Bituukiridde, Nze Alufa era nze Omega, Entandikwa era Enkomerero. Buli alumwa ennyonta ndimuwa okunywa ku nsulo ez'amazzi amalamu, ag'obuwa. <sup>7</sup> Buli

awangula alifuna ebyo byonna ng'omugabo, era nze nnaaberanga Katonda we, naye anaabanga mwana wange.<sup>8</sup> Naye abo ababi n'abatakkiriza n'abagwagwa, n'abassi, n'abenzi, n'abalogo n'abasinza ebifaananyi, n'abalimba bona, omugabo gwabwe kuliba kuzikirizibwa mu nnyanja ey'omuliro ogwaka ne salufa. Okwo kwe kuwa okwokubiri."

<sup>9</sup> Awo omu ku bamalayika omusantu abaali bamaze okuyiwa ebibya ebyalimu ebibonoobono omusantu eby'enkomerero n'ajja n'anjambantti, "Jjangu nkulage omugole w'Omwana gw'Endiga." <sup>10</sup> N'antwala ku ntikko y'olusozi olunene era oluwanvu mu kwolesebwa; n'andaga ekibuga Yerusaalemi ekitukuvu nga kikka okuva mu ggulu ewa Katonda, <sup>11</sup> nga kyonna kijjudde ekitiibwa kya Katonda era nga kimasamasa ng'ejjinja ery'omuwendo omungi, erya yasepi, eritangalija. <sup>12</sup> Bbugwe waakyo yali mugazi era nga mugulumivu, ng'aliko emiryango kkumi n'ebiri era nga gikuumibwa bamalayika kkumi na babiri, n'amannya g'ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri nga gawandiikibwa ku miryango egyo. <sup>13</sup> Ku luuyi olw'ebuvanjuba kwaliko emiryango esatu, ne ku luuyi olw'obukiakkono nga kuliko emiryango esatu, ne ku luuyi olw'obukiikkaddyo nga kuliko emiryango esatu, era ne ku luuyi olw'obugwanjuba nga kuliko emiryango esatu. <sup>14</sup> Bbugwe yaliko amayinja ag'omusingi kkumi n'abiri ag'abatume b'Omwana gw'Endiga.

<sup>15</sup> Malayika eyali ayogera nange yali akutte mu mukono gwe omuggo ogwa zaabu

ogupimisibwa, apime ekibuga, emiryango gyakyo era ne bbugwe waakyo. <sup>16</sup> Ekibuga kyalikyenkanankana enjuuyi zonna, n'obuwantu nabwo nga bwenkana n'obugazi awamu n'obukiika. Byonna byali bipima kilomita enkumi bbiri mu ebikumi bina, buli kimunga kyenkanankana ne kinnaakyo. <sup>17</sup> Ate n'apima ne bbugwe waakyo ne kiweza mita nkaaga mu mukaaga ng'ekipimo ky'omuntu bwe kiri ng'apimye, awamu n'eky'abamalayika. <sup>18</sup> Bbugwe waakyo yali azimbiddwa n'amayinja agayesipi nga n'ekibuga kya zaabu omulongoose nga kitangalija ng'endabirwamu ennungi. <sup>19</sup> Emisingi gya bbugwe w'ekibuga nga giyooyooteddwa n'amayinja ag'omuwendo omungi ennyo aga buli ngeri. Omusingi ogusooka gwayooyootebwa n'amayinja aga yasepi, ogwokubiri aga safiro, ogwokusatu aga kalukedoni, ogwokuna aga nnawandagala, <sup>20</sup> ogwokutaano aga sadonukisi, ogw'omukaaga sadiyo, ogw'omusanvu aga kerusoliso, ogw'omunaana aga berulo, ogw'omwenda aga topazi, ogw'ekkumi aga kerusoperaso, ogw'ekkumi n'ogumu aga kuwakinso, n'ogw'ekkumi n'ebiri aga amesusito. <sup>21</sup> Ate emiryango ekkumi n'ebiri gyakolebwa n'amayinja ag'omuwendo aga luulu ennungi kkumi n'abiri, nga buli mulyango gukoleddwa n'ejjinja lya luulu limu. Ate lwo oluguudo olunene olw'ekibuga lwali lwa zaabu ennungi etangalija ng'endabirwamu.

<sup>22</sup> Mu kibuga ekyo saalabamu yeekaalu, Mukama Katonda Ayinzabyonna awamu

n'Omwana gw'Endiga, bo ye yeekaalu yaakyo. <sup>23</sup> Era ekibuga ekyo tekyetaaga njuba wadde omwezi okukyakira, kubanga ekitiibwa kya Katonda kye kikimulisa, era Omwana gw'Endiga ye ttabaaza yaakyo. <sup>24</sup> Ekitangaala kyakyo kye kinaamulisanga amawanga ag'omu nsi, era abafuzi ab'omu nsi balijja ne bakireetera ekitiibwa. <sup>25</sup> Emiryango gyakyo tegiggalwenga emisana, era yo teriba kiro. <sup>26</sup> Kirifuna ekitiibwa n'ettendo eby'amawanga. <sup>27</sup> Tewali ekitali kirongoofu ekirikkirizibwa okuyingira mu kyo, wadde abo abatambulira mu mpisa ezitali nnongoofu oba abalimba, wabula abalikibeeramu, beebo bokka, amannya gaabwe agaawandiikibwa mu kitabo eky'obulamu eky'Omwana gw'Endiga.

## 22

### *Omugga ogw'Obulamu*

<sup>1</sup> Awo malayika n'andaga omugga ogw'amazzi ag'obulamu agamasamasa ng'endabirwamu, nga gukulukuta okuva mu ntebe ey'obwakabaka eya Katonda, n'ey'Omwana gw'Endiga, <sup>2</sup> nga gukulukutira wakati mu luguudo olunene. Ku mbalama zombi ez'omugga kwaliko emitii egypt'obulamu, gumu ku buli ludda, egibala ebibala ekkumi n'ebibiri era nga buli mwezi kubeerako ebibala eby'engeri endala; n'amakoola gaagwo nga gakozesebwa ng'eddagala okuwonya amawanga. <sup>3</sup> Mu kibuga ekyo tewalibaayo kikolimo nate. Entebe ey'obwakabaka eya Katonda n'ey'Omwana

gw'Endiga ziribeera eyo, n'abaddu be balimuweereza, <sup>4</sup> era banaalabanga amaaso ge, n'erinnya lye liriwandiikibwa mu byenyi byabwe. <sup>5</sup> Teribaayo kiro, noolwekyo ettabaaza oba enjuba tebiryetaagibwa, kubanga Mukama Katonda y'anaabaakiranga era banaafuganga emirembe n'emirembe. <sup>6</sup> Awo malayika n'aŋŋamba nti, "Ebigambo bino bituufu, bya mazima. Era Katonda w'emyoyo gyा bannabbi, atumye malayika we okulaga abaddu be ebyo ebiteekwa okubaawo amangu."

### *Okujja kwa Yesu*

<sup>7</sup> "Era laba, nzija mangu. Alina omukisa oyo akwata ebigambo by'obunnabbi ebiri mu kitabo kino."

<sup>8</sup> Nze Yokaana nalaba era ne mpulira ebintu ebyo. Era bwe nabiraba ne mbiwulira ne ngwa wansi okusinza malayika oyo eyabindaga; <sup>9</sup> kyokka ye n'aŋŋamba nti, "Tokola kintu ekyo kubanga nange ndi muddu nga ggwe era nga baganda bo bannabbi bwe bali, awamu n'abo bonna abakwata ebigambo ebiwandiikkidwa mu kitabo kino. Ssinza Katonda."

<sup>10</sup> Awo n'aŋŋamba nti, "Ebyo by'owandiise eby'obunnabbi tobikuuma nga bya kyama kubanga biri kumpi okutuukirira. <sup>11</sup> Era ekiseera ekyo bwe kirituuka, buli akola ebitali bya butuukirivu alyeyongera okukola ebitali bya butuukirivu, era n'omugwagwa alyeyongera okugwagwawala, kyokka abatuukirivu

balyeyongera okuba abatuukirivu, n'abatukuvu balyeyongera okuba abatukuvu.

<sup>12</sup> “Laba, nzija mangu nsasule buli omu ng'ebikolwa bye bwe biri. <sup>13</sup> Nze Alufa era nze Omega, Owoolubereberye era Asembayo, Entandikwa era Enkomerero.

<sup>14</sup> “Balina omukisa abo abayoza ebyambalo byabwe, baliweebwa obuyinza okuyingira mu miryango gy'ekibuga ne balya ne ku bibala ebiva ku muti ogw'obulamu. <sup>15</sup> Ebweru w'ekibuga y'ebeera embwa, n'abalogo, n'abenzi, n'abassi, n'abasinza bakatonda abalala n'abo bona abaa-gala era abakola eby'obulimba.

<sup>16</sup> “Nze Yesu, ow'omu kikolo era ow'omu lulyo lwa Dawudi, ntumye malayika wange gye muli okubuulira Ekkanisa ebigambo bino. Nze Mmunyeenye eyaka ey'Enkyा.”

<sup>17</sup> Omwoyo n'Omugole boogera nti, “Jjangu.” Na buli awulira ayogere nti, “Jjangu.” Buli alumwa ennyonta aije, buli ayagala aije anywe ku mazzi ag'obulamu ag'obuwa.

<sup>18</sup> Ntegeeza buli omu awulira ebigambo eby'obunnabbi ebiri mu kitabo: Omuntu yenna alibyongerako, Katonda alimwongerako ebi-bonoobono ebiwandiikiddwa mu kitabo kino. <sup>19</sup> Era omuntu yenna alikendeeza ku bigambo by'obunnabbi ebiri mu kitabo kino, Mukama al-imuggyako omugabgo gwe ku muti ogw'obulamu

ne mu kibuga ekyo ekitukuvu ekiwandiikid-dwako mu kitabo kino.

**20** Oyo ayogedde ebintu bino agamba nti, “**Weewaawo nzija mangu!**”

Amiina! Jjangu Mukama waffe Yesu!

**21** Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo kibeerenga ne bonna. Amiina.

**Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa  
ku katambi™**

**Ganda: Biblica® Bayibuli Entukuvu, Endagaano  
Enkadde n'Endagaano Empya ekwatiddwa ku  
katambi™ (Bible) of Uganda**

copyright © 2017 Biblica, Inc.

Language: Luganda

Contributor: Biblica, Inc.

This work is made available under the Creative Commons Attribution-ShareAlike 4.0 International License (CC BY-SA). To view a copy of this license, visit <http://creativecommons.org/licenses/by-sa/4.0> or send a letter to Creative Commons, PO Box 1866, Mountain View, CA 94042, USA.

Biblica® is a trademark registered by Biblica, Inc., and use of the Biblica® trademark requires the written permission of Biblica, Inc. Under the terms of the CC BY-SA license, you may copy and redistribute this unmodified work as long as you keep the Biblica® trademark intact. If you modify a copy or translate this work, thereby creating a derivative work, you must remove the Biblica® trademark. On the derivative work, you must indicate what changes you have made and attribute the work as follows: "The original work by Biblica, Inc. is available for free at [www.biblica.com](http://www.biblica.com) and [open.bible](http://open.bible)."

Notice of copyright must appear on the title or copyright page of the work as follows:

**Biblica® Open Akuapem Twi Contemporary Bible™**  
Copyright © 1996, 2020 by Biblica, Inc.

"Biblica" is a trademark registered in the United States Patent and Trademark Office by Biblica, Inc. Used with permission.

You must also make your derivative work available under the same license (CC BY-SA).

If you would like to notify Biblica, Inc. regarding your translation of this work, please contact us at <https://open.bible/contact-us>.

This translation is made available to you under the terms of the Creative Commons Attribution Share-Alike license 4.0.

You have permission to share and redistribute this Bible translation in

any format and to make reasonable revisions and adaptations of this translation, provided that:

You include the above copyright and source information.

If you make any changes to the text, you must indicate that you did so in a way that makes it clear that the original licensor is not necessarily endorsing your changes.

If you redistribute this text, you must distribute your contributions under the same license as the original.

Pictures included with Scriptures and other documents on this site are licensed just for use with those Scriptures and documents. For other uses, please contact the respective copyright owners.

Note that in addition to the rules above, revising and adapting God's Word involves a great responsibility to be true to God's Word. See Revelation 22:18-19.

2021-12-30

---

PDF generated using Haiola and XeLaTeX on 21 Feb 2024 from source files dated 16 Nov 2021

b8f803ca-b3a3-5d67-9825-04daa3956553